# SSINIYA ESOOKA LUGANDA

## ESSUULA ESOOKA: AMAKA

**Ku nkomerero y'ennyingo eno omuyizi ajja kuba asobola okukola bino:**

- Okuwuliriza, okwogera, okusoma n'okuwandiika olulimi obulungi.
- Okunnyonnyola obulungi ebifa ku maka nga yeeyambisa ebigambo ebituufu.
- Okweyambisa emiwendo okunnyonnyola ebifa ku maka mu bulamu obwabulijjo.
- Okulamusa n'okusiibula obulungi ng'akozesa ebigambo ebituufu..
- Okuwandiika ebbaluwa ezitali ntongole.
- Okweyambisa ebikoco ebikwata ku maka.

**Ebigambo eby'enkizo**

- Empandiika entongole
- Walifu
- Empeerezi oba enjatuza
- Ensirifu
- Kanyoolanni mi
- Amaka
- Okulamusa n'okusiibula
- Eŋŋanda
- Ebikoco

## ESSUULA MU BUFUNZE

Essuula eno ekwata ku masomo amakulu ddala nga, empandiika entongole, amaka, eŋŋanda, emiwendo n'okubala, okulamusa, okuwandiika ebbaluwa, ne Litulica omwogere. Amasomo gaalondebwa n'obwegendereza okulaba nga gatuukana bulungi .

Ekigendererwa ky'essuula eno kwe kuyamba abayizi okutegeera ennyukuta n'amaloboozi ebikola okuzimba ebigambo mu lulimi Oluganda. Mu ssuula eno omuyizi ajja kusobola okulaba enjawulo wakati wa Walifu y'Oluganda n'ey'Oluzungu, ekyo kimuyambe okusobola okusoma, okuwulira, okwogera n'okuwandiika obulungi Oluganda.

*Enkola y' okusomesa oba n' eyokuyiga*

Engeri nnyingi era ez' enjawulo eziyinza okweyambisibwa mu kusomesa empandiika entongole, okusinziira ku kiba kiyigibwako. Kyokka mu sirabaasi eno enkola ey' ekitobeko yettaniddwa nnyo okusinga enkola enkadde ey' okwesigama ku ggulama. Enkola eyo enkadde nga yeesigama ku kuwandiika obutereevu amaloboozi n' ennyukuta nga bwe birabikira mu Walifu y' Oluganda, enkola ey' ekitobeko ekozeseddwa mu kitabo ky' omusomesa kino, okuyiga kwesigamizibwa ku mbeera eriwo n' ekisomesebwako mu kiseera ekyo. Kino kijja kikutegeerekeka nga bwe tugenda mu maaso n' okutunuulira empandiika y' Oluganda entongole.

**Ebinaakuyamba :** Ojja kwetaaga ekitabo ekikwata ku mpandiika y' Oluganda entongole, n' enkuluze y' Oluganda

### *1.1.1: Empandiika entongole (Orthography)*

## 1.1 EMPANDIIKA Y'OLUGANDA ENTONGOLE (Ensoma: 06)

Empandiika y'olulimi Oluganda entongole kitegeeza engeri ekkirizibwa okukwataganya ennukuta, ennyingo n'ebigambo nga tuwandiika. Kirungi omusomesa okumanya enjawulo wakati wa Walifu y'Olulimi Oluganda ku Walifu y'Olugengereza kuba abayizi baasomesebwako Olungereza mu lubereberye. N'olwensonga eyo, okuyiga olulimi Oluganda kulina kutandika na kuyiga Walifu yaalwo. Empadiika entongole etwaliramu ebintu ebikulu ennyo ng'ennukuta/ amaloboozi , Walifu, enzimba y'ennyingo, okuwangaala , okuggumira n'enjatula y'ebigambo ey'enjawulo.

**Ebikwata ku mpandiika y'Oluganda entongole**

1. **Okuwuliriza n'okwawula ennukuta /amaloboozi**
   Okuyiga olulimi Oluganda tutandikira ku kuyiga nnukuta oba amaloboozi. N'olwekyo mulimu gwa musomesa okuyamba abayizi be okutegeera ennukuta ezikozesebwa nga tuwandiika Oluganda.
2. **Enjawulo mu walifu y'Oluganda n'ey'Olungereza**
   Enjawulo ey'enkukunala mu walifu ez'enjawulo eba mu muwendo gw'ennukuta ezirimu, okugeza walifu y'olulimi Olungereza erina ennukuta abiri mu mukaaga nga bwe kiri mu y'Oluganda. Newaakubadde waliwo okufaanagana mu muwendo gw'ennukuta, waliwo enjawulo nnene mu maloboozi. Okugeza:

| Akabonero k'eddoboozi | Luganda | Lungereza |
|---|---|---|
| /c/ | Ky: mukyala, ekyalo<br>C: Omuceere, mucungwa, n'ebirala | Ch: charcoal |
| /l/ | L: lumonde luku | life |
| /b/ | B: baana , baaba | ban |

Amaloboozi g'ennukuta n'enjatula yaago mu Luganda oluusi eyawukana ku y'Olungereza. Kirungi ne weekenneenya enjawukana ezo.

3. **Okuwangaala**

Empeerezi zikyusibwakyusibwa nnyo amaloboozi n'enzimba yaago okusinga ensirifu. Okuwangaala oba obutawangaala mu kigambo kukyusa amakulu g'ekigambo ekyo okuva ku ge wayagadde okutegeeza mu kusooka. N'olwekyo, kirungi omuyizi n'aba ng'amanyi enkyukakyuka ezo. Mu Luganda tuwandiika okuwangaala n'empeerezi ezifaanagana bbiri mu kifo kimu.

| **obutawangaala** | **okuwangaala** |
|---|---|
| sala | Saala |
| bana | Baana |
| Sera | Seera |
| Omubazi | Omubaazi |
| Omufuzi | Omufuuzi |

4. **Okuggumira**

Ennimi ezimu ng'Oluganda zikozesa ensirifu bbiri ezifaanagana okulaga eddoboozi eriggumira mu kigambo. Okugeza

| **Okuggumira** | Obutaggumira (obuwewufu) |
|---|---|
| omubbi | Omubi |
| omukka | omuka |
| bbala | Bala |

5. **Okugatta ensirifu**

Okugatta ennukuta kitegeeza ennukuta ensirifu ez'enjawulo ezisobola okuddiriŋŋana nga tuzimba ennyingo. Mu nnimi zonna waliwo enkola entongole ekkirizibwa okugobererwa nga tugatta ennukuta ensirifu . Ensirifu ezikkiribwa okugattibwa zeezo zokka ezisangibwa mu walifu y'Oluganda/ mu bigambo by'Oluganda. Weeyambise empandiika entongole mu Luganda , enkuluze y'Oluganda n'ebitabo bya ggulama, oluŋŋamye abayizi ku nnukuta ezisobola okugattibwa okugeza:

| **Ensirifu ezisobola okugattibwa** | **Ebyokulabirako** |
|---|---|
| Kw | Kwala, kwana, enkwa,kukwata |
| Bw | Bwana, bweru, bwoya |
| Ny | Nyaanya, ennyana, nyingo |
| Mw | Mwana, mwala, Mwebe |
| Nt | Nantaba, nte, ntamu |

## OKULAMUSA

Kya mpisa okulamusa abantu.    Lumu nnakeera nnawankya okugenda ku ssomero. Naye wakati mu lugendo luno, nnatuuka ku maka agamu ne nsanga omwami omukadde atambulira ku muggo mu luggya lwe.    Mu butuufu nnali mu bwangu naye ne nnyimirira mmulamuseeko.

Kino kyasanyusa nnyo omukadde ono. Mu luggya lwe mwalimu omuti gw'omuyembe. Yambuuza obanga nnandyagadde okulya ku miyembe era ne nzikiriza. Amangu n'embiro yaggyayo oluti oluwanvu n'ampanulira emiyembe egyegendde obulungi ebiri. Nneeyongerayo ku ssomero nga mbugaanye essanyu. Emiyembe gino nnamukadde gye yampa gye nnalya ng'ekyemisana. Kino kyandaga nti kirungi nnyo obutayita ku bantu nga tobalamusizza.




**Ekyokukola 01: Kusoma**

1. Ekitundu ekyo waggulu kisomere abayizi nga bawuliriza.
2. Abayizi nabo bawe omukisa bakyesomere nga bali mu bibinja oba nga bali babiri babiri.
3. Abayizi nga basoma genderera ebibasoomooza nga enjatula y' ebigambo/ ennyingo
4. Abayizi banokoleyo ebigambo ebibazibuwalidde ng bwobiwandiika ku lubaawo.



**Ekyokukola Ekyokubiri: Kuwandiika**

Mu bibinja oba nga bali babiri babiri,

1. Abayizi bawandiike ennukuta zonna ezikozeseddwa mu kuwandiika emboozi eyo waggulu.
2. Bawandiike Walifu y'Oluganda n'eyOlungereza.
3. Balage ennukuta ezifaanagana mu Walifu zombi.
4. Walifu y'Oluganda erimu ennukuta mmeka?
5. Abayizi balage obubonero bw'empandiika    obukozeseddwa mu mboozi ku buno wammanga;

[“ ” .  ,  :  ; ! ‘  ? - ! ) baluŋŋamye ku nsonga lwaki  bukozeseddwa.

6. Abayizi bawandiike ebigambo byonna bye balaba ebiwangaala oba ebiggumira.
7. Abayizi balage enjawulo eri wakati w’ebigambo ebiggumira n’ebyo ebiwangaala.



**Ekyokukola ekyokusatu : Kuwuliriza  n‘okwogera**

*Kikulu nnyo abayizi okutegeera okusoomoozebwa okusangibwa mu kwatula ennyingo z’ebigambo ezitali zimu nazimu mu Luganda, era kino bakiyige okuyita mu kuwuliriza, okwogera, okuwandiika n’okusoma Oluganda. Ekyokukola kino wammanga ( ekikwata ku kanyoolannimi) essira liktadde ku nsonga eyo, ey’okuyigiriza abayizi* okwatula ebigambo ebizimbiddwa *n’ennyingo ezitali zaabulijjo oba enzibu okwatula.*

*Abayizi basome  sentesnsi zino  wammanga.*

1. Mukadde Mukudde abadde afudde.
2. Ddawudi Ddamba dda e Buddo obudde obudda e Buddo butuuse.
3. Ssinga ssenga asenga e Ssenge ssinga sseesiimye.
4. Balikuddembe n’enkejje ze bamuseeredde e Ndejje.
5. Akawala akaawa Kaawa kaawa  akaawa k’awa?
6. Bakka baka abakka abakkakkamu.

1. Abayizi baluŋŋamye basome ebigambo ebyo waggulu nga bwe weetegereza ebibawa obuzibu okwatula.
2. Ng’omaze okulaba ennyingo ezibawa obuzibu, bagambe baleeteyo ebigambo ebirala

ebizimbibwa n'ennyingo ezo ze zimu.

3. Basomereyo ebigambo ebirala ebirimu ennyingo enzibuzibu okwatula nga bo bwe bawandiika.
4. Soma mu bye bawandiise ogolole ensobi ezikoleddwa.

### 1.1.2 Eŋŋanda

Mu ssomo lino omuyizi ajja kuyiga ku ŋŋanda eziri mu maka oba abantu b' alinako oluganda. Eŋŋanda zaawulwamu ebiti bibiri. Waliwo amaka nga twogera ku taata, maana n' abaana baabwe (Nuclear family). Ekiti ekyokubiri ge maka nga twogera ku bantu bonna be tulinako oluganda oba akakwate (Extended family).

**ENNYANJULA**



*Ekifaananyi ekisooka*




*Ekifaananyi ekyokubiri* *Ekifaananyi ekyokusatu*




**Ekyokukola ekyokuna: Kusoma n'okuwandiika**

1. Mu bibinja oba nga bakola babiri babiri, abayizi bawandiike eŋŋanda ez'enjawulo nga bwe ziragiddwa mu bifaananyi ekisooka , ekyokubiri n'ekyokusatu.
2. Mu bitabo byabwe abayizi bawandiike nga balaga oluganda olulagiddwa mu buli kifaananyi ku ebyo waggulu.

### 1.1.2.1 Ekipande ekiraga eŋŋanda

Abayizi beetegereze ekipande ekibaweereddwa wammanga ekiraga oluganda wakati w'abantu ab'enjawulo.

**Ekipande ekiraga eŋŋanda**








**Ekyokukola ekyokutaano : Kuwandiika**

Abayizi balage oluganda oluli wakati w'abantu bano .

| **ABANTU** | **Oluganda wakati waabwe** | | **Abantu** | **Oluganda wakati waabwe** |
|---|---|---|---|---|
| Maama eri Taata | | | Taata eri maama | |
| Nansereko eri maama | | | Nsereko eri maama | |
| Nsereko eri taata | | | Nansereko eri taata | |
| Namatovu eri Nansereko | | | Busuulwa eri taata | |
| Matovu eri Nansereko | | | Namale eri taata | |
| Namatovu eri taata | | | Kisekka eri taata | |
| Matovu eri taata | | | Nantale eri taata | |
| Namubiru eri taata | | | Namatovu eri Busuulwa | |
| Mubiru eri taata | | | Mubiru eri Busuulwa | |
| Namubiru eri Matovu | | | Matovu eri Nantale | |
| Mubiru eri Matovu | | | Maama eri Kisekka | |
| Matovu eri Namatovu | | | Taata eri Namale | |




**Ekyokukola ekyomukaaga: Kusoma**

Abayizi basome ekitundu kino wammanga.

## NALUMANSI




Nalumansi mwana nzaalwa ya kukyalo ekiyitibwa Muyomba. Ye mwana asooka ku baana omunaana aba ssaalongo Lubwama. Addibwako abalongo Wasswa ne Kato. Bano bombi bawanvu bazibu ate nga bannabutono. Wasswa ne ne Kato balina emyaka 33 ate nga Nalumansi wa myaka 35. Kizza yadda ku balongo bano. Kamya nadda ku Kizza olwo Kaggwa nadda ku Kamya ne kuddako Kityo olwo Kitooke n'aseembayo.

Nalumansi azaalibwa nnaalongo Nakitto ate nga ye nnaalongo azaalibwa omwami Kasule. Nnyina Nakitto ye mukyala Nalugwa. Nalugwa mukyala mukadde nnyo. Yazaala abaana munaana nga kuliko abalenzi bataano n'abawala basatu. Abaana ba Nalugwa bonna baafa okuggyako Kakande ne Nanfuka. .

Wasswa yawasa emyaka esatu egiyise. Mukyala we ayitibwa Nassali. Nassali yamuzaalira omwana omuwala omulungi ayitibwa Nantege. Okuva Nantege bwe yazaalibwa alwalalwala. Bamututte mu malwaliro ag'enjawulo naye tewali njawulo obulwadde bugaanye okuwona.

Kitaawe wa Nassali yagamba Wasswa nti kiyinzika okuba nga mwannyina Nassali ayitibwa Lukwago ye yamuloga. Wasswa bino olwabiwulira n'alumba mukoddomi we Lukwago. Lukwago kino yakyegaana n'alumiriza nti ssengaabwe y'aloga omwana.

Kino Wasswa kyamutabula okumala ebbanga kyokka ng'omwana yeeyongera kulwala. Lumu jjajjaawe omukyala yamuwa amagezi ensonga okuzitwala mu lukiiko lw'ekika era naye kye yakola. Mu lukiiko luno jjajja wa Nassali omusajja, jjajja we omukyala, bakojja b'omwana, ba ssenga be bonna tebaalutumira mwana. Ssaalongo Lubwama yatunuulira embeera muzzukulu we gye yalimu n'amukwatirwa ekisa. Y'asalawo okutunda ekitundu ku kibanja kye era ensimbi ezaavaamu yasalawo zikozesebwe okutwala omwana mu ddwaliro ekkulu e Mulago. Mu ddwaliro ekkulu e Mulago gye baakizuulira nti omwana yalina olukusense/ mulangira. Eno gye baamujjanjabira era n'awona bulungi.



**Ekyokukola ekyomusanvu: Kuwandiika.**

**SSINIYA ESOOKA LUGANDA**

Abayizi beeyambise emboozi eyo waggulu okuddamu ebibuuzo bino wammanga.

Nga bakolera mu bibinja,

1. Abayizi bakyuse ekitundu ekyo mu Lungereza.
2. Baddemu banyumye emboozi eyo mu bigaambo ebyabwe mu bufunze.
3. Baleete ekigambo kimu ekitegeeza ebigambo ebisaziddwako mu sentensi zino wammanga:
   a) Omwana asooka okuzaalibwa mu maka……………………..………………………
   b) Omwana adda ku balongo. ………………………………..……………………………
   c) Omwana asembayo okuzaalibwa mu maka ……………………..…………………………
   d) Omukyala azaala maama wo. ………………………………………..…………...
   e) Omusajja azaala kitaawo. ………………………………………..……………………...
   f) Omulenzi azaalibwa ne maama wo ………………………..……………………………..
   g) Omwami azaalibwa ne kitaawo ……………………………..……………………..
   h) Omukyala azaala nnyoko……………………………………..……………………...
   i) Omusajja azaala kitaawo . ………………………………………..………………
   j) Omusajja muganda wa balo . ………………………………………..…………..
   k) Omukyala azaalibwa ne kitaawo………………………...………………………

4. Abayizi baddemu bino okusinziira ku mboozi esomeddwa waggulu.
   a) Nalumansi ayita atya Nakitto? ………………………………………..……..
   b) Nalumansi ayita atya Nanfuka?………………………………..………………………...
   c) How does Oketcho call Nyafundo's child? ………………………………………..……
   d) Wasswa ayita atya Kato? ………………………………….
   e) Kato ayita atya Nakitto?. ……………………………………………
   f) Nassali ayita atya Nantege? ………………………………………..………………
5. Abayizi banyonnyole amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu:
   a) Okuloga ………………………………..……………………………………………...
   b) Okulumba ……………………………..…………………………………………….....
   c) Bakojja ……………………………..…………………………………………
   d) Okutunda……………………………..……………………………………………......

e) Olukusense………………………………..………………………………………

### 1.1.3 Emiwendo n'okubala

**Ennyanjula**

Mu ssomo lino omuyizi ajja kuyiga emiwendo, okubala, ebiseera, okuwandiika ennaku z'omwezi n'amannya g'emyezi egikola omwaka.




**Ekyokukola ekyomunaana: Kusoma**

*Abayizi basome ekitundu kino wammanga.*

**Emisinde abantu kwe bazaalira mu Yuganda**

Yuganda y'emu ku nsi obungi bw'abantu gye businga okweyongera mu nsi yonna**.** Mu Yuganda omukyala asuubira okuzaala abaana mukaaga bw'ogeraageranya ku mawanga amalala. Mu Ddisitulikiti y'e Mayuge eriyo omusajja omu agambibwa okubeera n'abakyala 12 ate abaana 61.

We twogerera, Yuganda esuubirwa okubeera n'abantu abakunnukkiriza mu bukadde amakumi asatu mu mwenda. Singa buli musajja mu Yuganda abeera nga oli ow'e Mayuge ng'alina abaana 61 omuwendo gw'abantu mu Yuganda gwandibadde gweraliikiriza.

Kino kitegeeza nti mu buli katikitiki akayitawo, na buli ddakiika na buli ssaawa, na buli kiseera abantu bazaala. Buli wiki eyitawo okuva ku Bbalaza okutuuka ku Ssande okuva mu Gatonnya okutuuka mu Ntenvu obungi bw'abantu bweyongera buli mwaka ebitagambika.

Abantu okweyongera obungi kirina obulungi n'obubi bwakyo. Naye okusoomoozebwa kusinga emiganyulo egikirimu Okugeza omusajja ow'abaana 61 ayinza obutasobola kubatuusaako byetaago bimala n'okubayimirizaawo obulungi. Mu maka nga gano abaana baba balya bubi,

basula bubi, bambala bubi era omuzadde ng'oyo ayinza obutasomesa baana abo bulungi mu ngeri esaanidde.


N'olwensonga eyo gavument ky'eva ekubiriza abantu okwettanira enkola ya Kizaalaggumba / entegeka y'amaka ennuŋŋamu. Abantu basaanidde bazaale abaana be basobola okulabirira obulungi. Kino kitegeeza omuntu obutazaalira kumukumu. Kitegeeza nti omuntu asana ayiseewo emyaka esatu oba ena nga tannaba kuzza ku mwana.



**Ekyokukola ekyomwenda: Kuwandiika**

*Abayizi baddemu ebibuuzo bino wammanga nga bakolera mu bibinja.*

1. Ekitundu kikwata ku ki?
2. Okusinziira ku kitundu ekyo obungi bw'abantu mu Yuganda bwenkana ki?
3. Omuntu eyazaala abaana 61 ava mu ddisitulikiti ki?
4. Okuzaala abaana abangi kulina bizibu ki?
5. Okusinziira ku kitundu Kizaalaggumba kitegeeza ki?



**Ekyokukola ekyekkumi : Kuwandiika**

Mu bulamu bwaffe obwabulijjo tweyambisa emiwendo mu negri nnyingi. Emiwendo egimu nga okuva ku 1, 2, 3, 20, 30, 100, 999 n'emirala giyitibwa miwendo egibala. Ng'oggyeeko emiwendo egibala tulina n'emiwendo gye tukozesa mu biwayi. Emiwendo gino giyitibwa bwe gityo kubanga giraga bifo oba ng'ebintu bwe bigenda biddiriŋŋana okuva ku gumu okudda ku mulala. Kuno kw'ogatta emiwendo egiraga ebitundutundu by'ebintu nga ½, ½, 5/8, 3/4, 12/100 33/50, 3.5, 134.098, 13%, 18% or 99.9%. Emiwendo gisobola okukozesebwa okulaga ebiseera, ennaku z' omwezi n' ebirala okugeza 12:30:15

**SSINIYA ESOOKA LUGANDA**

Abayizi nga bakolera mu bibinja,

1. Bawandiike emiwendo gino mu bigambo.
   a). 12 ……………………………..……………………………………………………….
   b). 61 ……………………………..……………………………………………………….
   c). 2016 ……………………………..…………………………………………………….
   d). ½
   e). 2/3
   f). 3/4
   g). 23.56
   h). 12%
   i). 83%
2. Bawandiike ebigambo bino mu miwendo

a) Emu
b) Mukaaga
c) Obukadde amakumi asatu mu mwenda

3. Bawandiike amannya g’ennaku za wiiki mu Luganda.

   ……………………………..…………………………………………………………………
   ………..……………………………………………………………………..……………..…
   …………………………………………………..…………………………………………

4. Bawandiike amannya g’emyezi mu Luganda.

   ……………………………..…………………………………………………………………
   ………..……………………………………………………………………..……………...…
   …………………………………………………..…………………………………………

5. Bakyuse ebigambo bino babizze mu Luganda.

i) , Second
ii) Minute
iii) Hour
iv) Time
v) Day
vi) Week
vii) Month
viii) Year
ix) Dawn
x) Morning
xi) Noon
xii) Afternoon
xiii) Dusk
xiv) Evening
xv) Night
xvi) Ante meridiem (am)
xvii) Post meridiem
xviii) Half-past
xix) Quarter-past
xx) One
xxi) Ten
xxii) Twenty
xxiii) Hundred
xxiv) Thousand
xxv) Ten thousand
xxvi) One hundred thousand
xxvii) A million
xxviii) A billion

6. Abayizi nga bakola babiri babiri,

a) Bannyonnyolegane omuwendo gw'abaana abali mu maka gye babeera.

b) Ggwe oli mwana wakumeka mu bazadde bo?

c) Wazaalibwa ddi?

c) Olina emyaka emeka?

## 1.1.4 OKULAMUSA



**Ekyokukola ekyekkumi n'ekimu: Enneeyisa mu bantu**

Mu bibinnja abayizi,

a) Bannyonnyole ddi omuntu lw'alina okulamusa.
b) Balage lwaki kirungi abantu okulamusaganya
c) Bamenye ebintu ebigobererwa ng'abantu balamusa bannaabwe.



**Ennyanjula**

Okulamusa kikolwa kya buntu abantu kye bakola kumpi buli lunaku. Kiraga era kinyweza obwasseruganda mu bantu. Abantu balamusa bannaabwe lwa nsonga nnyingi. Babeera baagala okumanya embeera bantu bannaabwe gye balimu. Okulamusa okumu kutegeeza kusiima omuntu omulala. Oluusi kubeera kusaasira munno. Ensonga esinga okubeera enkulu okulamusa mpisa ya buwangwa eraga obuntubulamu. Omuntu atalamusa banne ayogerwako ng'atali mugunjufu.

Kisaana kijjukirwe nti okulamusa kwa ngeri nnyingi okusinziira ku bantu ab'amawanga ag'enjawulo. Nga tonnaba kulamusa muntu sooka omanye obuwangwa bwe ne gy'ava. Okulamusa era kusinziira ku biseera n'obukulu bw'omuntu gw'olamusa. Abantu abakulu balamusibwa bassibwamu ekitiibwa naddala ng'ababalamusa baana bato. Ekirala ekisaana okulowoozebwako bwe bukulu ku mirimu gyaffe. Omuntu ng'alamusa mukama we oba amusingako obukulu ku mulimu tamulamusa ng'omukozi omulala yenna gw'akola naye. Abantu nga tubalamusa tussaako ebitiibwa byabwe nga ssebo, nnyabo , mwami, mukyala, Ddokitaali, Ffaaza, Ssiisita oba ppulofeesa.



**Ekyokukola 12: Kuwuliriza n'okwogera**

Nga bakola babiri babiri,

1. Abayizi okulamusaganya kuno wammanga bakuzannyemu akazannyo
2. Abayizi bawandiikeyo okwogeraganya nga;
   - Omukozesa ayogera n'omukozi
   - Abantu ab'ekinywi boogeraganya
3. Nga bawandiika okwogeraganya okwo abayizi baluŋŋamye okugenderera ebiseera, emyaka, erinnya, omuwendo, ekitiibwa n'obukulu bw'omuntu alamusa/alamusibwa

NB. Okwogeraganya abayizi kwe bawandiika tekusukka omuko ogumu

*Soma okulamusaganya wakati wa Katongole ne nnyina.*

Maama: Nsanyuse okukulabako mwana wange.

Katongole: Kale nnyabo.

Maama: Olabiseeko?

Katongole: Ye nnyabo.

Maama: Eradde mutabani? Ng'otukedde?

Katongole: Tewali mutawaana nzize kubabuuzaako.

Eradde maama

Maama: Mwasuze mutya eyo?

Katongole: Gye tuli maama. Mmwe mwasuze mutya?


Maama: Tubadde bulungiko. Olweggulo nange mbadde nzija eyo.

Katongole: Mugyebaleko maama.

Maama: Kale nammwe mugyebaleko.

Katongole: Kale maama.

**Ekyokukola 13: Kuwandiika**



Luŋŋamya abayizi baddemu ebibuuzo bino wammanga;

1. Abayizi bawandiikeyo okubuuzaganya okulala nga kusinziira

ku budde obutali bumu nabumu.

2. Bakakase nti beeyambisa ebigambo ebituukana n'obudde obwogererwamu, n'abantu abalamusaganya.
3. Kebera olabe nga bagoberedde empandiika y'Oluganda entongole.

### *1.1.5 Ebbaluwa y'omukwano/etali ntongoloe Ensoma (03)*

Ebbaluwa y'omukwano/etali ntongole egendereddwamu okuwa omuyizi obukugu mu ngeri gy'akolaganamu n'abantu naddala nga mu maka gy'ava, abantu b'abeera nabo, ku ssomero ne bifo by'olukale ebirala. Naye ekisinga byonna kwe kulaba ng'oluŋŋamya abayizi ku bintu ebikulu ebigobererwa/ebitabula mu kuwandiika ebbaluwa ey'omukwano/etali ntongole omuli; endagiriro y'awandiika, ennaku z'omwezi, ensonga ewandiisizza ebbaluwa, okulambulula ku nsonga eyo, obugambo obufundikira n'amannya g'awandiise.




**Ekyokukola ekyekkumi n'ennya: Kusoma**

Magezimuliro High School<br>
A.K.P. 726,<br>
Luweero .<br>
12/Mukutulansanja/2015.

Taata Omwagalwa,

Nkulamusizza nnyo taata. Muli mutya eyo? Maama ali atya? Ate bato bange Ssenkusu ne Nnankusu? Nnage ndi bulungi eno ku ssomero.

Mpandiise ebbaluwa eno nga nkujjukiza olunaku lw'okukyalira abaana nga 18/ Mugulansigo/ 2015. Nkusaba bw'oba ojja ku olwo ondeetereyo ebyokulya ebimala wamu n' ebyokunywa. Taata teweerabira okujja ne bato bange Ssenkusu ne Nnankusu kubanga njagala okubalabako. Taata nsaba n' okundeeterayo ensimbi ez' okwekuumisa.

Nze muwalawo omugonvu,

*Abayizi basome ebbaluwa eyo n'oluvannyuma baddemu ebibuuzo ebigikwatako.*

***Nga beeyambisa ekyokulabirako ekyo waggulu,***

1. Abayizi beetegereze bulungi ebbaluwa eyo
2. Banokoleyo ebintu ebikulu bye balaba mu bbaluwa eyo.
3. Bawumbirewumbire ebintu ebikulu ebitabula mu bbaluwa etali ntongole.
4. Baluŋŋamye ku bika by' abantu abayinza okuwandiikirwa ebbaluwa ey' engeri eyo.
5. Bawe emirimu emirala ku kuwandiika ebbaluwa ey' engeri eyo bakakate.
6. Baluŋŋamye basobole okumanya ebbaluwa ey' engeri eyo ewandiikiddwa obubi, gamba nga basobola okulaba erina ebigibulamu, oba erimu ebitasaanioddeemu.



**Ekyokukola ekyekkumi n'ebitaano: Kuwandiika**

Abayizi nga beeyambise ekyokukola ekyekkumi n'ebina waggulu, baddemu ebibuuzo bino wammanga;

(1) Ani omuwandiisi w'ebbaluwa eyo waggulu?

(2) Agiwandiikira ani?

(3) Lwaki yagiwandiika?

(4) Yagiwandiika ddi?

(5) Ayogera ku bantu ki abalala mu bbaluwa?

### 1.1.6 Ebikoco Ensoma (02)

Nga Litulica omwogere omulala yenna, gamba nga; engero ensonge, ebisoko, ebikwate n'ennyimba, ebikoco nabyo biraga engeri abantu b'edda gye baalabangamu ebintu n'endowooza zaabwe ezitali zimu ku bintu ebibeetoolodde. Ebikoco tebikyukakyuka mu ngeri gye bisengekebwamu. Biba n'enjuyi bbiri; wabaawo abuuza ekibuuzo ate ne wabaawo addamu ekyo ekibuuziddwa. Mu ngeri eyo ekikoco kibaamu okuzannyirira, era okuzannyirira okwo bwe kutabaawo tebinyuma. N'olwekyo tuyinza okugamba nti ebikoco muzannyo. Kyokka tosaanye kwerabira kunnyonnyola abayizi amagezi n'obubaka obuli mu buli kikoco. Okusoomoozebwa okuli mu kusomesa ebikoco kuli nti buli lukya wabaawo ebikoco ebiggya ebitondebwawo, n'olwekyo tosobola kuba kuba ng'ebikoco byonna obimanyi. N'olwekyo ensomesa y'ebikoco eyinza okukwanguyiza kwe kuleka abayizi ne bakola okunoonyereza ku lwabwe, ne bajja ne bagabana ne bannaabwe ebyo bye bazudde.

### Enkola y' okusomesa

1. Buuza abayizi ebikoco nga 3-5 by' olaba nga babimanyi bulungi. Kakasa nti nga tonnabuuza kikoco kirala basooka kuddamu kye wasoose okubawa.
2. Abayizi nabo buli bamu babuuze bannaabwe ebikoco nga bwe babiddamu. Kakasa nti ebiddibwamu byebyo ebituufu.

3. Mu bibinja oba nga b akola babiri babiri, abayizi bakubaganye ebirowoozo ku mugaso/obukulu bw' ebikoco.
4. Ng' oyongereza ku bye bawadde kkaatiuriza omugaso gw' ebikoco mu lulimi.

## Ekyokukola ekiwumbawumba essuula (01)

Kakasa nti abayizi mu bibinja byabwe bakuŋŋaanya ebisoko nga bwe bibasabiddwa, amakumi abiri (20).

Nga tebannabireeta mu kibiina sooka obiyiseeyiseemu okukakasa nti tewali kweddiŋŋanamu.

| ENGABANYA Y' OBUBONERO | | | | |
|---|---|---|---|---|
| Ebisuubirwa mu muyizi | Ebinnyonnyola | Enkola esooka | Enkola eyookubiri | Enkola eyookusatu |
| Ebigobererwa mu kukoca | Omuyizi akoce ekikoco nga bwe kitandika, ate aleete n' ekibuuzo ekigenderako. | Atandika ekikoco nga bwe kitandika, akabonero *(01 )* | Atandika ekikoco nga bwe kitandika ate n' abuuza n' ekibuuzo' obubonero *(02 )* | Atandika ekikoco nga bwe kitandika n' abuuza ekibuuzo ate n' awa n' ekyokuddamu obubonero *(03)* |
| Enjatula y' ebigambo | Omuyizi ayatule obulungi ebigamboi ekikoco kye kiwulikike ate kitegeerekeke. | Ayatula ebigambo ebimu ne bitawulikika obubonero (0*2)* | Ayatula ebigambo byonna ne byatuka bulungi obubonero (0*3)* | Ayatula ebigambo byonna ne byatuuka ate nga teyeemotyamotya obubonero *(05)* |
| Ekiddibwamu | Omuyizi alina okuba | Awa ekiddibwamu | Annyonnyola | Awa ekiddibwamu |

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| | ng' amanyi ekiddibwamu ky' ekikoco ky' awadde, era n' akinnyonnyola abamuwuliriza. | obubonero (02) | ekyokuddamu obubonero (03) | n' alaga n' engeri gye kikwatagana n' ekikoco obubonero (05) |
| Enkolagana ne banne | Omuyizi asuubirwa okuba ng' akolagana bulungi ne banne, nga yeebuuza, n' okubaako ky' akola nabo | Eyeebuuza ku banne, obubonero (02) | Eyeebuuza ate nga naye bw' aleetayo ku bikoco obubonero (03) | Eyeebuuza nga bw' aleetayo ku bikoco n' ebyokuddamu byabyo, ssaako okwenyigira mu kubuuza ebibuuzo, obubonero (05) |
| Omugatte | | | | Obubonero 18 |





## Ekyokukola ekiwumbawumba essuula (02)



| Enkola y'okugabanya obubonero | | | | |
|---|---|---|---|---|
| **Ebisuubirwa mu muyizi** | **Ebinnyonnyola** | **Enkola esooka** | **Enkola eyookubiri** | **Enkola eyookusatu** |
| Omusono gw'ebbaluwa etali ntongole. | Endagiriro y'awandiika. Ennaku z'omwezi Okulamusa Ekinyusi Obugambo obufundikira Amannya g'awandiika. | Singa omuyizi alagako bitono ku bimusuubirwamu, afune obubonero **03** | Singa omuyizi alekayo kimu ku bimusuubirwamu , afune obubonero **05** | Singa omuyizi amalayo ebyo byonna ebimusuubirwamu, afune obubonero bwonna **06** |
| Ekinyusi/ obubaka/ ensonga ewandiisizza ebbaluwa. | Omuyizi awandiike nga yeesigama ku kibuuzo ekimuweereddwa, | Singa omuyizi anyumyako bitono ku bimusuubirwamu, afune obubonero **04** | Omuyizi anyumya n'alekayo kimu ku bimusuubirwamu afune obubonero **08** | Omuyizi anyumya n'amalayo ebimusabiddwa mu kibuuzo, afune obubonero **10** |
| Empandiika entongole. | Omuyizi agoberere empandiika y'Oluganda entongole, naddala ng'alaga okuwangaala, okuggumira, enkozesa y'ennyukuta nga, L neR, W ne Y, ŋ, M ne N, n'ebirala. | Omuyizi atagoberedde mpandiika ntongole n'akamu, afune akabonero **01** | Omuyizi agobereddeko waakiri bibiri ku bimusuubirwamu, afune obubonero **02** | Omuyizi atuukirizza waakiri amateeka ana ku ago agafuga empandiika entongole afune obubonero **04** |
| **Omugatte obubonero** | | | | **20** |

## ESSUULA EYOOKUBIRI: EMBEERA Y'OBULAMU MU MAKA

**Essuula eno weenaggweerako omuyizi ajja kuba ng'asobola okukola bino:**


- Okumanya obuvunaanyizibwa bw'abantu ssekinoomu mu maka.
- Okukozesa ebigambo by'okwebaza abantu mu maka.
- Okumanya omugaso gw'ennyimba ezisirisa abaana abato.
- Okumanya ebintu ebikozesebwa mu maka.
- Okutegeera obungi n'obumu bw'amannya mu Luganda.
- Okunnyonnyola emitendera egiyitibwamu okukola ebibajje, ebiruke n'ebyambalo by'Abaganda.
- Okumanya nti endabika y'Omuganda kye kitiibwa kye.
- Okutegeera ebiwanuuzibwa ku bintu ebimu ebikozesebwa mu maka.

**Ebigambo eby'enkizo**

- Obuvunaanyizibwa
- Ekitiibwa.
- Obuyimba obusirisa omuto
- Obumu
- Obungi
- Omugaso
- Omusono
- Ennyambala
- Ebyobuwangwa
- Ebiwanuuzibwa

### 1.2.1 Obuvunaanyizibwa bwa ssekinnoomu mu maka

Obuvunaanyizibwa mu maka businziira ku myaka, ekikula n’ekifo ky’omuntu mu maka, okugeza obuvunaanyizibwa bw’omwana ate si bwe bw’omuzadde. Abayizi nga bayiga ku buvunaanyizibwa bw’abantu mu maka laba nga bayiga n’ebigambo ebipya.



**Ekyokukola 01: Kusoma**

Abayizi basome ekitundu ekikwata ku buvunaanyizibwa bw’abantu mu maka ekiri mu kitabo kyabwe, n’oluvannyuma banokoleyo obuvunaanyizibwa obukoneeddwako mu kyo nga bwe babuwandiika

**Amaka ga Kawere**

Kawere abeera n'abantu b'omumaka ge ku kyalo Busimbi mu ddisitulikiti y'e Mityana. Musajja musuubuzi wa nte. Akeera nnyo nga tebunnalaba nga ssaawa mwenda ez'ekiro n'abakana n'olugendo olumutwala mu zi lufula ez'enjawulo. Mu busuubuzi bw'ente asobodde okuweereramu abaana be. Asobodde n'okwezimbira ennyumba mw'abeera n'abantu be. kyajje agulire abantu b'omumaka ge engatto n'ebyokwambala ebibamala. abaana be basanyufu nnyo olw'okufaayo kwa kitaabwe. Buli wiiki afuba okulaba ng'abaana be balina ebyetaago by'essomero. Kawere afuba okulaba ng'abaana be abaliisa bulungi okugeza ku byennyanja n'ennyama.

Mukyala wa Kawere ayitibwa Namuli. Namuli mukyala mukozi nnyo era alina omukwano ogutagambika eri bba n'abaana be. afuba okulaba ng'afumba bulungi. Akeera nnawankya okusimba enva endiirwa, obummonde obuzungu, lumonde, muwogo n'ebirime ebirala bye balya awaka. Abaana be nga tebanneebaka afuba okulaba nga banaabyeko bulungi. Ku makya takkiriza baana be kwesisiggiriza mu buliri kubanga baba balina okugenda ku ssomero

Abaana ba Kawere bajagujagu era bagezi ku ssomero obwongo bwogi. abantu ku kyalo baboogerako nti agaasaaka ge gattula. Baana bakozi nnyo. nga tebannagenda ku ssomero, basooka kukima mazzi maama gaanaakozesa okufumba, okwoza ebintu n'engoye, ag'okunywa n'ebirala. Abamu ku bo bagenda ku ssomero nga bamaze okulongoosa ennyumba n'okwera oluggya. Abalala bayoza ebintu ng'amasowaani n'amaseffuliya. Abawala bwe bakomawo

akawungeezi bayamba ku nnyaabwe okufumba. Ennaku ng'olwomukaaga ne Ssande basennya enku ate abalala ne batwala ente n'embuzi ku ttale.

Kawere abeera ne bakadde be abamuzaala abayitibwa omwami n'omukyala ba Nnamutete. Mwami Nnamutete jjajja w'abaana ayagala nnyo oulimu gw'okulunda. Buli kumakya talutumirwa mwana bwe kituuka okutwala ente n'embuzi ku ttale. Ayambako okukama ente n'okuziba ku nkondo. Ate ye jjajja mukyala Namazzi Nnamutete mu kyala we anyumirwa nnyo okubeera ne bazzukulu be ng'abanyumiza engero. Buli kawungeezi abayita mu kasiisira ke nabanyumiza engero n'enfumo anti bagamba bukadde magezi takubuulira kyamukaddiya. Bazzukulu be banyumirwa nnyo engero n'enfumo zino kubanga jjajjaabwe azinyumya asavuwaza. abazzukulu buli lwe bajja mu nsiisiira basanga abategekedde amenvu aga ssukaalindiizi. Anyumya engero, enfumo ebikokyo n'ebikokko. Olwokuba binyumira nnyo abato tabaleka nseko mu matama okutuusa otulo bwe tubabba ne beebaka. Bw'alaba bagenderera okwebaka, asikayo bulangiti ye n'ababikka n'zikiza ettaala okutuusa bwe bukya. Jjajja ono ayagala nnyo abato era abasanyusa.



**Ekyokukola 02: Kuwandiika**

1. Buuza abayizi bawandiike amannya g’abantu abakooneeddwako mu kitundu.

2. Abayizi balage obuvunaanyizibwa bw’abantu bano nga bwe bulagiddwa mu kitundu.

Kawere

Namuli

Nnamutete

Nnamazzi

3.

a) Lwaki jjaja mukyala wa kyewuunyo mu maka?

b) Abayizi bawandiikeyo ebikoco bibiri bye bamanyi buli omu.

c) Bamenyeyo kanyoolannimi bbiri buli omu.



**Ekyokukola 03: Kwogera**



- Abayizi bakubaganye ebirowoozo ku mitwe nga, “Maama mu maka alina obuvunaanyizibwa okusinga taata” oba “Omwana ow’obuwala asinga ow’obulenzi okuba n’obuvunaanyizibwa” n’ebirala.
- Abayizi babuuze bawandiike obuvunaanyizibwa bw’abano mu maka.
  - Maama
  - Taata
  - Abaana.
  - Jjajja
  - Kojja
  - Ssenga



**Ekyokukola 04: Kuwandiika**

Abayizi bakozese ebifaananyi bino okunyumya emboozi eraga abantu mu maka gaabwe mmwe bye bakola okuva ku makya okutuusa olweggulo.

















\


### *1.2.2: Ebintu ebisangibwa mu maka gaffe*

Kikulu nnyo abayizi okumanya ebintu ebibeera ewaka gye babeera n'omugaso gwabyo mu Luganda, ate oboolyawo n'obulabe bwe biyinza okuba nabwo gye bali singa biba

bikozeseddwa bubi. Essira lisse nnyo ku kulaba ng'omuyizi annyonnyola by'ayogerako okusinga okumenya obumenya ebintu, n'omugaso oba obulabe bwabyo.

### 1.2.3 Okumenya ebintu ebisangibwa ewaka

Abayizi baluŋŋamye ku bintu ebisangibwa ewaka nti waliwo ebibeera ebweru, n'ebibeera mu nju munda.



**Ekyokukola 06: Kusoma, Kuwuliriza n'okwogera Speaking**

1. Abayizi babuuze bakubuulire ku bino wammanga bintu ki ebisangibwa mu maka.
2. Era banokoleyo bye balowooza nti byabulabe
3. Bagambe balondeyo ebintu bibiri oba bisatu bannyonnyole omugaso gwabyo.




















### 1.2.4 Obungi

a) Abayizi bawandiike amannya g'ebintu ebiragiddwa mu ebifaananyi ebyo waggulu.

b) Bawandiikeyo amannya g'ebintu ebirala ebikozesebwa awaka naye nga tebiragiddwa mu bifaananyi.



**Ekyokukola 07: Kuwandiika**

c ) Abayizi bawandiike amannya g'ebintu bino mu bungi

d ) Bawandiike emigaso gy'ebintu ebiragiddwa mu bifaananyi

| MU BUMU | MU BUNGI |
|---|---|
| Entebe | |
| Emmeeza | |
| Ekikapu | |
| Omusumeeni | |
| Akambe | |
| Ekibbo | |
| | |

## 1.2.5: *Ebiwanuuzibwa*

Ebiwanuuzibwa biyamba okukuuma empisa okugeza: okussa ekitiibwa mu bantu, okwetangira obukaba, okwekuuma ng'oli mbeerera, obuyonjo n'empisa z'okulujjuliro n'ebirala bingi. Kikulu nnyo mu bulamu abantu okulabulwa akabi akali mu mu kukola oba okulemererwa okukola ebintu ebimu.Ekiwanuuzibwa tteeka erikugira abantu ababeera awamu n'okwewala ebivve era ssinga wabaawo omuntu yenna mu bo akikola, atuukibwako akabi. Ekyokulabirako mu Basoga:

(a) Abalenzi n'abasajja tebakomba mulawo era ssinga bagukomba, bamera amabeere ng'abakazi;

(b) Tewali muntu yenna mu maka akkirizibwa kujja bulo mu kyagi mu budde obw'ekiro. Ssinga wabaawo akikola enjala egwa mu maka ago;

(c) Tewali muntu yenna atuula ku lugali era ssinga alutuulako naddala omukazi, tazaala;

(d) Omulenzi yenna oba omusajja tatuula ku kinu. Ssinga akituulako alwala empanama.



**Ekyokukola 08: Kuwandiika**

1. Wandiika ebintu bitaano (05) ebisangibwa awaka wamu n'ebiwanuuzibwa ebibigenderako

| Ekintu | Ekiwanuuzibwa |
|---|---|
| | |
| | |
| | |
| | |
| | |

### 1.2.6 Ebintu ebikozesebwa mu byobuwangwa, ebibajje n'ennyambala

Essomo lino ligendereddwamu okuyigiriza abayizi engeri ebintu ebikozesebwa mu byobuwangwa nga amafumu, obwambe, engabo, ebinu, n'ebirala gye bikolebwamu. Mu kino abayizi kibayamba okuyiga ebigambo/olulimi olweyambisibwa mu kwogera ku bintu eby'engeri eyo, ne bayiga n'embu z'ebigambo ko n'ezamannya, ebiseera, ate era ne kibayigiriza n'okunyumya ekibaviiramu okuyiga okuwandiika emboozi ennyuvu.

Okukola ekibajje oba n'ebiruke weetaaga okumanya bino:

- Ebikozesebwa ebyetaagisa.
- Obumanyi.
- Abakozi.
- Omugaso gw'ekintu ekyo ky'oyagala okukola.
- Akatale.

Okugeza okuluka ekiwembe ojja kwetaaga ejjambiya okutema ebitoogo, obitwale ewaka, obitemeteme okusinziira ku buwanvu bye weetaaga, obyanike okumala ennaku ssatu oba nnya oluvannyuma otandike okubiruka ng'okozesa empiso esona n'obuso. Ekyo ng'okimaze ojja kubikomola byenkanenkane bulungi n'oluvannyuma ekiwempe kyo okitwale okitunde mu katale.



**Ekyokukola 0 9: Kuwandiika**

1. Buuuza abayizi baleeteyo ebyokulabirako by'ebintu ebyobuwangwa ebisangibwa mu maka gye babeera.
2. Abayizi baweeyo ku ky'okulabirako kye kintu ky'obuwangwa n'engeri gye kikolebwamu.
3. N'abayizi nga bakolera mu bibinja bafuneyo ekyambalo oba eky'obuwangwa ekirala kyonna ekikolebwa mu Buganda bannyonnyole engeri gye kikolebwamu.
4. Ng'abayizi bannyonnyola essira lisse ku bino wammanga;

- Olulimi olweyambisibwa
- Ekiseera ekintu eky'ogerwako mwe kikolerwa

- Enkozesa y'olulimi (ggulama) entuufu
- Ebigambo tebyandisusse 120.

### 1.2.4 Eebyambalo by'Abaganda.

















**Ekyokukola 10 : Enneeyisa N'endowooza**

Nga bali mu bubinja;

a) Abayizi banyonnyole ebintu Abaganda kwe baalabiranga omukyala omulungi oba omwami omulungi.

b) Balage eEndowooza y'abedda ku biraga obulungi bw'omuntu eyawukana etya n'eyaleero?

### 1.2.5 Ennyimba ezisirisa abaana/ Eziyimbirwa omwana yeebake.

Ennyimba eziyimbibwa okusirisa abaana abato basobole okwebaka zisobola okuyimbibwa bamaama, bayaaya oba omuntu omulala yenna avunaanyizibwa ku mwana omuto. Ennyimba zonna ezigwa mu kiti kino zeekusa nnyo ku bamaama mu ngeri emu oba endala. Ennyimba ziraga nti maama ariko emirimu gy'akyakola, oba akyaliko wala naye essaawa yonna akomawo amuwe ebbeere.

EKYOKULABIRAKO:

Mwana wa nnyabo,

Weesirikire.

Kye nnaalyako,

Nnaakuterekera.

Aaaaaaaaaaaaaaaaaaaaaaa

Akaliga kaanywa taba!



**Ekyokukola 11: Kuwandiika**

Nga bakolera mu bibinja abayizi bayiiyeeyo obuyimba obusirisa abaana, era babuyimbiremu bannaabwe.



**Ekyokukola ekiwumbawumba essuula: Kukolayo ekikozesebwa eky'obuwangwa**

## Essuula 0 3: **EBIMERA N'EBIRIME GYE TUBEERA**

Oluvannyuma lw'essuula eno, omuyizi asuubirwa okuba ng'asobola:

- Okwawula ebimera eby'enjawulo n'emigaso gyabyo mu Buganda.
- Okumenya ebiseera eby'enjawulo mu mwaka omulimirwa emmere n'engeri gye bikosaamu eby'obulimu.
- Okunnyonnyola emitendera gy'okulima emmere, okugikuuma, n'okugitereka nga tevunze.
- Okunnyonnyola obukodyo obuyinza okukozesebwa okwongera ku bungi bw'emmere.
- Okwogera ku mizizo egikwata ku kulima emmere, n'okugikungula mu Buganda.
- Okuwandiika olukalala lw'emmere, n'emitendera egiyitibwamu okutegeka emmere.

**Ebigambo eby'enkizo mu ssuula**

- Ebiro/ebiseera by'omwaka
- Emmere erimwa nga ya kuliibwa
- Enkuuma y'emmere
- Emizizo ku mmere
- Olukalala lw'emmere/Ebijjulo ebitundibwa
- Ebirungo
- Emmere erimwa nga yakutunda
- Ebigambo ebirina amakulu agafaanagana
- Enfumba/Enteekateeka y'emmere

### Essuula mu bufunze

Omulamwa gw'essuula eno kwe kulaba ng'omuyizi afuna okumanya ebikwata ku birime, ebimera, enfumba n'enteekateeka y'emmere mu ngeri eyaffe eŋŋanda, ng'agigeraageranya n'enkola ey'ekizungu. Ekiruubirirwa omuyizi ayige obukulu bw'ebimera, ebirime,ebiseera ebirimirwamu, n'obukodyo obweyambisibwa mu kulima, ssaako

enkuuma y'emmere. Omuyizi asuubirwa okuyiga olulimi lw'ebyobulimi, amannya g'ebimera, n'emizizo egikwata ku mmere.

**Ebinaakuyamba**

Ojja kwetaaga okukola okunoonyereza okumala ku birime, n'ebimera. Kijja kukwetaagisa okweyambisa enkuluze y'Oluganda okumanya olulimi n'ebigambo by'onookozesa ng'osomesa.

**Obukodyo bw'okusomesa/Engeri abayizi gye banaayigamu**

Laba nti abayizi beenyigira butereevu mu by'osomesa byonna, nga weeyambisa okukubaganya ebirowoozo, n'okubaluŋŋamya ku nkozesa y'olulimi entuufu.

### 1.3.1: Emmere erimwa okuliibwa n'eyokutunda

Amawanga gonna mu nsi gaba n'emmere buli ggwanga n'emmere yaalyo, okugeza mu Buganda toyinza kwogera ku mmere n'otoyogera ku ttooke, era buli ggwanga lirina enva zaalyo lye ziwoomerwa, ate era buli ggwanga lirina ekyokunywa kye liwoomerwa. Mu byokulya n'ebyokunywa ebya buli ggwanga mulimu emiganyulo egitali gimu abantu ababyettanira gye bafuna mu kulya n'okunywa ebintu ebyo. N'olwekyo mu Uganda kye tuva tubeera n'ebirime ebyenjawulo nga, amatooke, twagoogeddeko dda, kasooli, muwogo, obulo, omuwemba, ebinyeebwa, n'ebirala.

Kyokka yadde ng'ekyo kiri bwekityo, mu bitundu bingi eby'eggwanga balina ebirime si lwakulya kyokka, wabula babirima n'olwokutunda, ate waliwo n'ababiwaanyisaamu bafune kye baba batalina. Mu ngeri eyo ebirime nga, emmwanyi, ppamba, caayi oba amajaani, n'eŋŋano, tebirimibwa kuliibwa wabula okubifunamu ensimbi. Ebirime ebigwa mu ttuluba bwerityo bye tuyita ebirime eby'ensimbi/eby'ettunzi. Ate biri ebirala ebirimibwa okuliibwa era tubiyita ebirime eby'okulya.

Kyokka ate singa oba ogenderedde, olaba nti buli ggwanga mu Uganda lirina ekirime nga kyo kyalyo, kye basinga okwettanira okulima, okulya, oluusi n'okutunda. Ne mu maka gaffe

tulya emmere eyenjawulo, ng'emu tugyerimira, ate endala ne tugula ngule okuva ku byalo oba n'ebitundu ebituliraanye.

## Ekyokukola ekisooka (01): Kuwuliriza na Kwogera

| | | |
|---|---|---|
| | 2<br>Picture of matooke | |
| Picture of millet 3 | Picture of irish potatoes 1 | Picture of coffee seeds 5 |
| Picture of cotton garden 10 | Picture of rice field 6 | Picture of cassava tubers 8 |
| Picture of beans 9 | Picture of maize 4 | Picture of tea field 7 |

Ekyokukola kino kyesigamiziddwa ku bifaananyi. Luŋŋamya abayizi nga beetegereza ebifaananyi ebibaweererddwa, basobole okuwa amannya agatuukira ku bye balaba. Okugeza mu birime ebirimwa olw'ensimbi mulimu emmwanyi, ppamba, amajaani n'ebijanjaalo. Ate ebirimwa okuliibwa musobola okubaamu, amatooke, lumonde, muwogo, n'ebirala.

### 1.3.2: Ebiseera n'emitendera by'okulima emmere, n'entereka yaayo.

| | |
|---|---|
| Picture of student reading | Ekyokuokola ekisooka: Kusoma |




**Ekyokukola 02: Kusoma**

**Ng'omuyizi asoma ekitundu ekimuweereddwa essira lissibwe ku kulaba ng'asobola okunokolayo ebiseera n'emitendera ebigobererwa mu kulima. Olulimi olweyambisibwa nga twogera ku biseera n'emitendera mu kulima oba n'okukungula.**

Ebiseera bya ttoggo (enkuba w'etonnyera nga ya muggundo/nga nnyingi), liba ssanyu jjereere mu bantu abategeera eby'obulimi, kubanga olwo ebyokukola mu nnimiro biba birabise, era n'abaana abasoma baba balina okukeeranga ennyo ne babaako kye bakola mu nnimiro mu ngeri y'okuyambako bazadde baabwe nga tebannagenda ku ssomero. Kyokka ate yadde nga ekyo kiba bwekityo, waliwo abawulira ng'okutuuka kw'ebiseera ng'ebyo kuba kubamalako emirembe. Abo nno be bangalobunani, abataagala kukola, oba bayite bamulyannimire. Be basajja b'osanga nga beebase emboleera, bakazi baabwe babaleka mu buliri bo ne babagalira enkumbi, n'ebikola ebirala ne boolekera ennimiro.

Mu Uganda buli kitundu kirima ebirime byanjawulo ku by'ekitundu ekirala olw'enjawukana mu mbeera y'obudde, n'ebiseera ebirimirwamu. Okutwaliza awamu mu Uganda tulina ebiseera bya mirundi ebiri, ekiseera ekya ttoggo, (enkuba w'etonnyera nga nnyingi nnyo), n'ekiseera ekya ddumbi, (akasana we keememulira ennyo oba kye tuyita ekiseera eky'ekyeya). Awo nno ebitundu ebimu bifuna ekiseera ky'enkuba nga kiwanvu okusinga ku ky'ekyeya, ate ebirala ne bifuna ekiseera ky'ekyeya nga kye kiwanvuko.

Kyokka n'ekiseera ky'kyeya nakyo kirina ebikikolerwamu. Abamu kino kye kiseera mwe bakungulira ebirime ng'omuwemba, era mu kiseera nga kino abantu abamu mu byalo gye baba mu kukungula ebirime batambula kyalo ku kyalo nga banoonya emirimu gy'okukungula ebirime kubanga mu kiseera kino tewabaawo nnyo kirala kikolebwa olw'okuba nti ettaka liba kkalu nnyo ng'okulima tekusoboka. Wano mu Buganda ekiseera kino kiba kya kusambula bisambu nga twegekera enkuba egende okutonnya nga we tunaasiga wateeketeeke bulungi. Ekiseera eky'ekyeya kibeerawo mu mwezi gwa July, era y'ensonga lwaki omwezi guno guyitibwa Kasambula mu Luganda, kuba tugambye nti kye kiseera eky'okusambula.

| Picture of rainfall (heavy) with healthy crops e.g. good banana plants | Picture of drought or dry ground – showing drought resistant crops |
|---|---|

Olw'enkyukakyuka mu biseera n'embeera z'obudde, abantu balima okusinziira ku nkuba oba omusana bye bafuna. Ebitundu ebifuna ebiseera by'enkuba nga biwanvuko, kati nga wano mu Buganda, abantu balima ebirime nga, amatooke, n'emmwanyi, ate abafuna enkuba entono ng'ekiseera ky'ekyeya kye kisinga obuwanvu, kati mu bitundu ng'ebya Ankole, Bugisu, ne mu bukiikakkono, abaayo balima ebirime ebyo byokka ebisobola okugumira ekyeya nga, obulo, lumonde, omuwemba, ne muwogo.

**ENNIMIRO YA MUKASA**



Mukasa y'omu ku balimi abakukuutivu mu Gombolola y'e Kimenyedde. Mukasa amanyidde ddala ddi lw'asimba, lw'akungula era n'okutereka byaba alimye.

Ku ntandikwa y'omwaka guno ng'enkuba tennatandika kutonnya, yasambula ekisambu ekiwerako obunene bwa yiika ttaano. Buli omu yeesunga okulaba kiki kye yali agenda okukolera mu kifo kye yali asambudde.

Tewayita kiseera kinene Mukasa n'akuŋŋaanya ab'omu maka ge olunaku lulamba. Baggyayo ensawo n'ensawo z'ebinyeebwa nebatandika okubikuba okuva mu bikuta.



Nga wayiseewo ssabbiiti nga ziizo oluvannyuma lw'okukuba ebinyeebwa, enkuba yatandika okutonnya. Mukasa yayanguwa okugenda ku kifo kye yali asambudde n'atandika okutema amavuunike ennimiro yonna. Mukasa yali mwegendereza nnyo kubanga mu lulimi Oluganda bagamba nti "K'onooweeka, tokalinda kusaaba ttaka."

Naye ennimiro ye teyatereererawo bwe basooka okulima olusooka, Mukasa ennimiro yasoka n'agireka omuddo gusobole okuvunda okumalira ddala omwezi gumu. Naye era enkuba yeyongera okutonnya naye nga ntonotono.

Nga wayiseewo ennaku asatu, Mukasa yaddayo ate okulima ennimiro omulundi ogwokubiri. Yakizuula nti omuddo n'amakoola byali byatandika dda okuvunda naye era Mukasa teyali mumativu yaddamu okulima ennimiro omulundi ogwokusatu. Mu kiseera kino amakoola n'omuddo byali bivundidde ddala era nga n'ennimiro efaananira ddala bulungi era ng'etuuse n'okusimbwamu.

Mukasa yali mwegendereza kubanga ekinyeebwa kimera ekirina okukwatibwa n'obwegendereza era kyetaaga n'okusimbibwa mu ttaka eddungi.

Nga wayissewo ssabbiiti emu n'oluwannyuma lw'okulima omulundi ogwokusatu, Mukasa n'abomunyumba bonna baagenda mu nnimiro okutandika okusimba ensigo z'ebinyeebwa. Kyatwalira abawaka ba Mukasa ssabbiiti nnamba okusobola okusimba yiika ettaano.

Mukasa yalaga obumalirivu okusobola okufuna ebirungi mu kufuba kwe. Nga wayiseewo ssabbiiti emu oluvannyuma lw'okusimba ensigo z'ebinyeebwa, zaatandika okumera. Nga wayisewo ssabbiiti bbiri ng'ebinyeebwa byakamera Mukasa yatandika okufuuyira ebinyeebwa. Ebinyeebwa yabifuuyira emirundi ebiri buli mwezi.

Ng'oggyeeko okufuuyira Mukasa yeegattibwako ab'omu maka ge ne bakoola ebinyeebwa nga baggyamu omuddo n'ebimera ebirala ebiteetaagisa mu nnimiro y'ebinyeebwa. Okukoola n'okufuuyira byakolebwa muddiriŋŋanwa okutuusiza ddala ng'ebinyeebwa bituuse okukungulwa.



Nga wayiseewo emyezi esatu, ebinyeebwa byali bituuse okukungulwa.
Mukasa yakungula ensawo ezisoba mu nkaaga mu essatu ez'ebinyeebwa. Okusobola okubikuuma nga tebivunze Mukasa n'aboomunnyumba ye baasomba ne baanika ebinyeebwa mu ppereketya wómusana okumalira dadala ennaku eziwerako.
Oluvannyuma lw'ekyo yagula ensawo enkalu eziwerako nazijjuza ebinyeebwa. Ensawo ezimu yazitereka mu byagi ate endala n'azireka mu materekero agaali ku nnyumba ye.

Ku nkomerero Mukasa yatunda ensawo z'ebinyeebwa ebisunsule amakumi asatu era n'afunira ddala omudidi gw'ensimbi. Ensimbi zino ze yakozesa okusobola okulabirira ab'omu maka ge awamu n'okusasulira abaana be ebisale by'essomero.



Ebinyeebwa ebimu byaliibwa ng'enva ate ebirala n'ebiterekebwa ng'ensigo ez'okusimba mu masimba agaddako.




**Ekyokukola 03: Kuwandiika**

a) Ku muko gw'olupupula gumu, wandiika emitendera egiyitibwamu okulima ebinyeebwa.
b) Olowooza lwaki Mukasa yayita mu mitendera gino.
   (i) Okusambula ekisambu
   (ii) Okuddiŋŋana okulima ennimiro
   (iii) Okwanika ebinnyeebwa?
c) Oyinza okunokolayo ekirime kimu ekirimwa mu kitundu mw'obeera? Mitendera ki egiyitibwamu okusobola okukirima.
d) Mu ndowooza yo, migaso ki abalimi b'omu kitundu kyo gye bafunye nga bayita mu kulima ekirime ky'oyogeddeko mu (d) waggulu.
e) Wa emitendera egisangibwa mu:
   (i) kukungula
   (ii) kutereka ekimera kyoyogeddeko waggulu
f) Kitundu ki ekyekinyeebwa ekyeyambisibwa mu kusiga?

### 1.3.3: Enteekateeka y'emmere n'ebijjulo

Amawanga ag'enjawulo mu Uganda galina enkola zaago ez'enjawulo ze gagoberera mu kufumba n'okuteekateeka emmere. Enteekateeka eno esinziira ku muteesiteesi w'emmere ky'ayagla, n'ebimuwoomera nga ye, ate n'obuwangwa bwe kye bugamba. Empooma y'emmere yo esinziira ku bbanga emmere ly'emala ng'etegekebwa, ekika ky'emmere, ate n'ebirungo ebyeyambisiddwa mu kugiteekateeka. Wano mu Buganda enva ezifumbiddwa mu luwombo zaagalwa nnyo era emirundi mingi oluwombo terubula ku bikolo gyaffe egy'obuwangwa naddala egy'essanyu nga okwanjula, n'embaga. Naye abaffe, Omuganda ateekateeka atya oluwombo oluwoomu luno? Katutunuulire ensiba n'enfumba y'oluwombo olw'enva ez'ebinyeebwa.

Tufuna ebinyeebwa byaffe nga bisekule bulungi temuli yadde empulunguse, ne tufuna endagala ez'empombo, (zino ziba ndagala nga ntoototo, ne tuzibabulako ku muliro katono oba okuzaanikako mu kasana), tuteekateeka ebyayi bye tunaasibisa oluwombo lwaffe, ssaako entamu mwe tunaasaaniika oluwombo, oba oluusi tulusibira ku mmere endala eba efumbibwa.

Eby'okukozesa byonna nga tumaze okubifuna, oddira ebinyeebwa byaffe biri n'obiyiwa mu lulagala lwaffe oluwotoseeko, n'ossamu amazzi matonotono, teekamu ebirungo by'oyagala naye okusinga akatungulu n'ennyaanya tebibulamu, omulala ayinza okussaamu akatiko akabaala, omunnyo ogw'ekigero, awo wumbawumba olulagala lwaffe n'obwegendereza obutaluyuza. Ng'omaze okuwumba olulagala lwaffe bulungi n'ebirulimu, lusibire wagguluggulu ng'olukoozeemu obulago okufaananako n'obwendeku. Kati olwo lwe luwombo oluwedde okusibwa.

Omutendera gw'okufumba oluwombo nga gutuuse, kwata oluwombo olusse mu ntamu, bwe luba lwakufumba lwokka, oba lusibire ku mmere endala gy'otegese okufumba. Funa entamu mw'ogenda okufumba ogitindire bulungi n'emiziŋŋoonyo oba ebikolokomba. Saaniika, entamu eggumire bulungi, giteeke ku masiga, kumamu omuliro ogumala. Omuganda agamba nti, "Entamu ewulira muliro gusooka". Entamu bwetandika okuyisa omukka, ng'olwo omanya nti oluwombo lwaffe lusemberedde okuggya, era oluwaayo eddakiika endala ntonotono, ng'ojjula. Eyo y'enteekateeka n'enfumba y'oluwombo mu Baganda.

**Ekyokukola ekyokuna (04): Kwogera n'okuwuliriza**









Abayizi beekenneenye ebifaanyi by'emmere ebyo waggulu, nga bakolera mu bibinja, oba babiribabiri balolondeko ekika ky'emmere kimu bannyonnyole emitendera egiyitwamu okuteekateeka n'okufumba emmere eyo gye balolonzeeko.

### 1.3.3 OKUGABULA EMMERE EY'EBIKA EBITABULE/EKIJJULO

Mu Uganda enteekateeka y'emmere n'engabula yaayo ekyukakyuka okusinziira ku buli ggwanga. Naye mu mawanga agasinga obungi omuteesiteesi/ omufumbi w'emmere aba mulala, ate n'agisoosootola, oba okugigabula naye n'aba mulala. Naye wano mu Buganda omukyala mu maka, oba maama y'avunaanyizibwa ku kuteekateeka, okufumba, n'okugabula emmere mu maka, okuggyako mu mbeera nga maama agenderera okuyigiriza omwana ow'obuwala okufumba. Naye enkola eyawukanamu mu bifo ewatali waka gamba nga mu woteeri, ku mikolo, ne mu birabo by'emmere.

Ebika by'emmere ebigabulwa(ekijjulo) ng'essaawa y'okulya etuuse bikyukana okusinziira ku maka oba ekifo omuntu w'alidde emmere. Okugeza mu maka agamu bayinza okugabula ekijjulo nga kuliko emmere yangeri emu, gamba amatooke n'ennyama, oba akawunga n'ebijanjaalo, okwo ne bakuweerako eggiraasi y'amazzi, oba obutunda. Enteekateeka ey'engeri eno, kye

kiyitibwa ekijjulo. Mu Buganda ekijjulo ekijjudde tekibulako ttooke, lumonde, balugu, oba kyetutumula, enva endiirwa n'ennyama, okwo n'onywerako eggiraasi y'amazzi oba omubisi.

Kyokka eby'okugabula emmere ey'ebika ebitabike (ekijjulo) bisinga kwettanirwa nnyo mu mawooteeri, n'ebirabo by'emmere, mpozzi ne ku mikolo. Olukangaga luno wammanga lulaga ebijjulo by'emmere ey'enjawulo n'omuwendo gwa buli kijjulo. Lwekenneenye bulungi.

### 1.3.4 EBIJJULO N'EMIWENDO GYABYO MU WOOTEERI YA SSEKASI

| EKY'ENKYA | |
|---|---|
| Ebigenderako | Omuwendo/ssente |
| Caayi omukalu | 1000/= |
| Caayi ow'amata | 1500/= |
| Ggama y'obuugi | 2000/= |
| Kabalagala | 200/= |
| Omunwe gwa gonja (omwokye) | 1000/= |
| Ennyama enjokye (oluti) | 5000/= |
| Omunwe gwa kasooli (omwokye) | 1500/= |
| Ebinyeebwa (olubatu) | 1500/= |
| **EKYEMISANA** | |
| Ebigenderako | |
| Amatooke n'ennyama | 5500/= |
| Amatooke n'enkoko | 12,000/= |
| Lumonde n'ebinyeebwa | 10,000/= |
| Emmere yonna n'ennyama | 15,000/= |
| Emmere yonna n'enkoko | 15,000/= |
| Emmere ey'omuttaka n'essuppu | 12,000/= |
| **EBYOKUNYWA** | |
| Ebigenderako | |
| Eggiraasi y'amazzi | 500/= |
| Ggama y'omubisi | 3000/= |
| Eggiraasi y'obutunda | 1500/= |
| Olwendo lw'amazzi | 3000/= |



**Ekyokukola 04: Kuwandiika**

Abayizi beeyambise olukangaga olwo waggulu okuddamu ebibuuzo bino wammanga.

a) Omuntu yeetaaga ssente mmeka okugula ekyenkya ekiriko bino wammanga:
   (i) Caayi w'amata n'omunwe gwa kasooli.
   (ii) Oluti lw'ennyama ne caayi omukalu
   (iii) Ggama y'omubisi n'eminwe gya gonja ebiri.
b) Singa omuntu aba ayagala okulya eky'emisana eky'amatooke n'enkoko ssaako ggama y'omubisi, kimwetaagisa kuba na ssente mmeka?
c) Mmere ki ekinga okuba ku ssente entono mu wooteeri ya Ssekasi?
d) Maama wo akuwadde ssiringi omutwalo gumu n'ekitundu mu bitaano (15,500) weegulire ekyemisana, kyokka ate oyagala ofisseewo ku kasente. Onoolya kyamisana kya ngeri ki mu wooteeri ya Ssekasi?

Abayizi baluŋŋamye ku mbalirira y'emiwendo nga bwe gibabuuziddwa mu bibuuzo. Nnyonnyola abayizi ekijjulo kye kitegeeza mu Luganda.

1.3.5: **Enkozesa y'enkuluze**

**Ekyokukola ekyomusanvu (07): Kusoma n'okuwandiika**

Nnyonnyola abayizi amakulu g'enkuluze. Ekyokukola kino kigendererwamu okubayigiriza abayizi ebigambo oba n'olulimi ebikozesebwa ku birime, n'ebimera ssaako ebiseera ebirimirwamu emmere. Abayizi bayambibwe okuyiga ebigambo ebifaanaganya amakulu, n'ebigambo ebikontana. Okugeza, ebiseera bya **ttogo** n'ebiseera bya **ddumbi** (okwo kukontana), ate **caayi** n'**amjaani, okuteekateeka n'okufumba emmere** bigambo ebirina amakulu agamu.

Soma ekitundu kino wammanga oluvannyuma ebigambo ebisaziddwako obisikize ebirala ebirina amakulu ge gamu.

## OKULYA

Abaganda tugamba nti, 'Oluganda kulya, olugenda **<u>enjala</u>** terudda'. Amakulu nti omuntu bw'omumma ekyokulya ate ng'okirina enkolagana yammwe n'omuntu oyo gw'ommye ekyokulya **<u>ekosekamu</u>**. Naye ate okulya tekirina kutumalamu era okwagala ennyo okulya tekiraga bugunjufu. Omuntu alina okulya ekisaanidde so si kulya **<u>kafankunaayi</u>**, kubanga omuntu okulya **<u>n'apinduuka</u>** kiyinza okumuviiramu obuzibu obutali bumu gamba nga, **<u>okukuba empiiyi</u>**, ekintu ekiswaza ennyo, oba oluusi n'okufuna embiro.

## Ekyokukola ekiwumbawumba essuula 1: Kukubaganya birowooz

| Ebisuubirwa mu muyizi | Ebinnyonnyola | Enkola y'okugabanya obubonero | | |
|---|---|---|---|---|
| | | Enkola esooka | Enkola eyookubiri | Enkola eyookusatu |
| Endabibika y'omuyizi | Omuyizi alina okuba omuyonjo, ku mubiri, n'ennyambala ye nga y'ekkirizibwa mu ssomero. Ate nga mukkakkamu. | Omuyizi ayambadde yunifoomu, si mukkamu, ate nga si muyonjo, tafunawo kabonero. | Ayambadde yunifoomu, mukkamu, naye nga si muyonjo, afune akabonero kamu (01) | Amazeeyo byonna afune obubonero (02) |
| Omusono | Amenya ku bakulu abaliwo, yeeyanjula, ayanja omutwe gw'okwogerako, awumbawumba, yeebaza okuwulirizibwa, n'asiibula. | Omuyizi akoze ekimu ku ebyo, afune akabonero kamu (01) | Omuyizi akoze ebisatu ku byo afune obubonero busatu (03) | Omuyizi akoze bitaano, oba okusingawo ku ebyo afune obubonero butaano.(05) |
| Ekinyusi | Omuyizi ayogere ng'alaga obumanyi ku ky'ayogerako ng'aleeta ensonga ezituukira ku mulamwa. | Omuyizi awadde ensonga ebbiri ku ezo afune obubonero bubiri. (02 | Awadde ensonga essatu afune obubonero busatu, (03) | Awadde ensonga ettaano oba okusingawo, afune obubonero butaano (05) |
| Eddoboozi | Eddoboozi ly'omuyizi lirina okuba nga liwulirika bulungi. | Ayogera nga tawulikika, tajja kufunawo kabonero. | Awulikika naye nga si nnyo, afune bubiri (02) | Ayogera ng'awulikika bulungi, afune obubonero buna. (04) |

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| Enjatula n'enjogera y'ebigambo | Omuyizi asuubirwa okukozesa olulimi olugya mu ky'ogerwako, n'okweyambisa ebifaananyi ebiggyayo ekyogerwako nga n'abamuwuliriza babitegeera. | Omuyizi annyonnyodde nga yeeyambisa waakiri ebifaanayi bibiri, oba ebigambo ebigagga bibiri, oba engero ensonge bbiri, ng'ebyo abigyisizza bulungi ku mulamwa, afune obubonero bubiri, (02) | Eyeeyambisizza ebisatu, afune obubonero busatu. (03) | Akozesezza ebina oba okusingawo, afune obubonero buna, (04) |
| **Omugatte obubonero** | | | | **Abiri (20)** |

## ESSUULA EYOOKUNA: EBINYONYI N'ENNUNDA YAABYO

**ESSOMO ERISOOKA: Ebinyonyi**

**Essuula eno w'eneggwerako omuyizi asuubirwa okuba ng'asobola;**



**Assessment Criteria**

- Okwongera okuyiga ku binyonyi n'ebisolo ebisangibwa mu kitundu kye
- Okutegeera obukulu /omugaso gw'ebinyonyi
- Okukozesa ebigambo ebikozesebwa nga twogera ku binyonyi
- Okunokolayo endwadde ezitawaanya ebinyonyi n'ebisolo ebirundibwa ewaka.
- Okutegeera egimu ku mizizo egikwata ku binyonyi n'ensolo ebirundirwa ewaka
- Okubaako naye ebisolo oba ebinyonyi by'asobola okulunda
- Okumanya nti ebisolo n'ebinyonyi nabyo birina eddembe lyabyo okufaananako ng'abantu .
- Okukozesa obumu ku bubonero bw'empandiika
- Okukozesa ezimu ku ngero n'ebisoko ebikwata ku bisolo n'ebinyonyi.

## Ebigambo eby'enkizo

- **Emizizo**
- **Obubonero bw'endwadde**
- **Obubonero bw'empandiika**
- **Engero ensonge**
- **Ebisoko**
- **Ettale**





**Essuula mu bufunze**

Ekigendererwa mu ssuula eno be bayizi okubaako kye bayiga ku bikwatagana ku bisolo n'ebinyonyi okutwalira awamu, gamba nga; omugaso gwabyo, endwadde ze birwala, eddembe lyabyo, emizizo egibikwatako,ate n'engeri abantu gye bakolaganamu nabyo. Mu ssuula eno era abayizi banjulirwa obubonero bw'empandiika ate n'enkozesa yaabwo, era ne bayiga ne ku ngero, enjogera n'eebisoko ebikwata ku binyonyi n'ebisolo.

### 1.4.1 Omugaso gw'ebinyonyi

Okuyita mu ssomo lino abayizi bayigirize olulimi olukwatagana ku bisolo n' ebinyonyi gamba nga; amannya gaabyo, ebintu ebitali bimu ebiva mu binyonyi saako omugaso gwabyo eri omuntu.



**Ekyokukola 01: Kusoma**

Abayizi beetegereze ebifaananyi bino wammanga n'oluvannyuma baddemu ebibuuzo ku byo.










1. Bawe amannya g'ebinyonyi bye bamanyi amannya gaabyo ku ebyo mu bifaananyi waggu lu.

2. Bamenyeyo ebinyonyi ebirundibwa ewaka n'ebyomunsiko bye bamanyi.

3. Bageraageranye enkalala zaabwe ne bannaabwe.

## FFAAMU YA KINTU



Kintu abeera ku kyalo Kirinnyabigo. Alunda enkoko wamu ne ssekkokko. Kintu alina enkoko 32 00. Ezisinga obungi ku zo nseera mpozzi n'obwana bwazo. Sseggwanga ntono nnyo. Kintu ayag ala enkoko lwa nsonga eziwerako. Azitunda, kko n'amagi gaazo n'afunamu ssente/ejjamba. Ate n'okulya alyako, naddala bwafuna abagenyi, enkoko ze zikola ng'enva.

Naye weewaawo afunye nnyo mu mulimu gw'o kulunda enkoko, Waliwo ebimusoomooza. Ebige reesebwa nti ebibe bitya nnyo, ewa Kintu tebikola, kuba ebibe bimumalidde enkoko. Ekitono e nnyo buli mwezi ebibe birya enkoko bbiri. Ng'oggyeeko ebibe, emirundi mingi enkoko zirumbib wa ebirwadde. Okujjanjaba ebirwadde ebyo kifuula omulimu gw'okulunda enkoko okuba omuzib u ennyo. Ebinyonyi ebirala eby'omunsiko nga, magga, empungu, ne kamunye, nabyo birya obuk oko obuto. Oluusi era kiba kizibu okufuna akatale k'amagi kubanga abalunzi abalala nabo abalu nda enkoko bangi. Ate ebiseera ebirala emiwendo gy'ebikozesebwa mu kulunda n'okuliisa enkok o gibeera waggulu nnyo.

Ku ludda olulala, omulimu gw'okulunda ssekkokko gwo gwandiba omwanguko. Kintu alunda sse

kkokko ezisoba mu 1100.



Anyumirwa okutunuulira ssekkokko empanga nga zizannyisa ebiwaawaatiro byazo mu ngeri erin ga ey'okweraga n'okwewulira. Era Waliwo n'enjogera egamba nti "weewulira nga ssekkokko" Nga bwekiri ku nkoko ne ssekkokko Kintu azifunamu bingi. Afuna ssente nnyingi ng'atunda ssek kokko ezikuze naddala ku nnaku enkulu nga Olwamazuukira, ne ku Ssekukkulu. Ate era nazo z ennyini alyako, ko n'amagi gaazo.

Naye ate obutafaanananako n'ankoko ssekkokko zeetagisa ssente nnyingi okuzirunda. Enkoko weet walira ennaku abiri mu olumu okwalula, ssekkokko etwala ennaku amakumi ana. Ekyokubiri, olu vannyuma lw'okwalula, emikisa gy'obwana bwa ssekkokko okukula mitono nnyo bw'ogigeraagera nya n'egyobwana bw'enkoko. Mu kwalulwa, bussekkokko obuto bufa mangu okuggyako nga bul abiriddwa bulungi. Ekyokusatu, abantu mu byalo tebalya ssekkokko, olwensonga nti zigula buwa nana. Mu ngeri eyo ssekkokko ziyinza kutundibwa mu bibuga so si mu byalo. Ekyokuna, okufaa nanako n'enkoko, ssekkokko nazo zibbibwa nnyo naddala mu biseera by'ennaku enkulu, n'olwek yo obukuumi obwenjawulo bwetaagisa. N'ekisingira ddala ssekkokko zitaayaaya nnyo okusinga e nkoko ,era bwozireka ku bwazo zokka tezidda waka. Omuntu alina okuzinoonya. N'ekisembayo, ssekkokko zirya nnyo okusinga enkoko n'olwekyo okuzirunda kyetaaga okuba n'emmere ng'ewe ra.



**Ekyokukola 02: Kuwandiika**

1. a) Okusinziira ku kitundu ky'osomye, okulunda ebinyonyi kulina migaso ki?

   b) Waliwo obuzibu bwonna obusangibwa mu kulunda ebinyonyi? Menyayo butaano.

2. Leetayo endwadde bbiri ezikwata enkoko, era olage n'enzijanjaba y'endwadde ez o.

3. Kuba ekifaananyi ky'ekinyonyi ekirundibwa awaka era olage ebitundu byakyo by onna n'amannya agabiyitibwa.

4. Wandiika ebinyonyi ebirundibwa awaka bitaano (5), era olage n'amannya agayitib wa obwana bwa buli kinyonyi.

## 1.4 .2: Engero ensonge, Ebisoko n'enjogera

Kintu yagambye nti mu lulimi lwe oluzaaliranwa bagamba nti, "weewulira nga ssekkokko." Mu Lungereza bo bagamba nti, "weewulira ng'ennyonyi Muzinge." Bino byakulabilako eby'enjogera ez'amagezi. Waliyo enjogera ez'amagezi bwezityo endala nnyingi, nga n'ezisinga okumanyika mw e muli, ebisoko, olulimi olugeraageranya, n'engero. Waliwo n'enjogeraez'amagezi ezikwata ku bi nyonyi ze tukozesa mu bitundu byaffe gye tuva. Okugeza nga zino wammanga:

- Ennyonyi enkeeze, y'erya olusiri??anyi.(Lugero)
- (Akanyonyi) Akeezimbira, tekaba kato.(Lugero)
- Eyeemanyi amalwalira, tatta ??aali.(Lugero)
- Sseggwanga gy'akoma okwereega, n'emiwula.(Lugero)
- Amaaso gamumyuse nga ag'endegeya.(Lulimi olugeraageranya)
- Amagulu gamulinga aga Maaya. (Lulimi olugeraageranya)

- Akataayi tekaasala na kkubo…….nga…… (Kisoko)



**Ekyokukola 03: Kuwuliriza n'okwogera**

Luŋŋamya abayizi bakole bino;

1. Baleeteyo,

   a) Engero kkumi.

   b) Enjogera mu lulimi olugeraageranya kkumi.

   c) Ebisoko kkumi.

   Byonna ebyo nga bikwatagana ku binyonyi mu Luganda.

## 1.4.3: Ebisolo



**Ekyokukola 04: Kuwandiika**

Abayizi nga beeyambisa ebifaananyi bino wammanga baddemu ebibuuzo ebibabuuzidda.



1. Mu bifaananyi bye bisolo ebyo waggulu balondamu ensolo ezisangibwa awaka baziwan diike.

   Bamenyeyo ensolo endala ezisangibwa ewaka nga teziragiddwa mu ezo waggulu.

2. Bamenye ensolo ezitalundibwa waka ku ezo eziragiddwa waggulu mu bifaananyi.



**Ekyokukola 05: Kusoma**

Abayizi basome ekitundu ekibaweereddwa n'oluvannyuma bakole nga bwe baligiddwa ku Nkomerero yaakyo.

## EMPOLOGOMA N'ENTE

Abantu batono abandyagadde okwa��anga empologoma, ne bwe ziba nsolo zinnewaayo zigitya, kubanga obutafaananako nte empologoma yonkambwe. Obukambwe bwayo bw e yeeyambisa okulya nsolo zinnewaayo nga kwotadde n'abantu. Eno ye nsonga lwaki o muntu yenna oba ensolo yeevuma okugisisinkana, era kino kye kigifuula Kabaka w'enso lo, zonna okuggyako enjovu. Olwo empologoma n'eyitibwa Kabaka w'ensolo. Kirowoozeb wa nti ekireetera empologoma okutya enjovu ,bwe bunene bwayo n'obuzito. Enjovu ng 'esambye empologoma, olusambaggere lumu lugimala okugiggya mu budde.

Empologoma zonna , k'ebeere nkazi , nsajja, nto oba nkulu, zifaanagana. Obuvumu n'a maanyi gaazo bisamaaliriza abantu bangi, era eno y'ensonga lwaki abantu bazeeyunira okuziraba. Olw'obukambwe bwazo empologoma tezirekebwa kutaayaaya, wabula ziteeke bwa mu bifo awakuumirwa ebisolo , olwo nga ziri wamu n'ensolo endala ne zifuuka e

kyobulambuzi ekiyingiza ensimbi mu ggwanga.

Yadde empologoma tesobola kubeera mu bantu, ebisolo ebirala okugeza ng'ente byo bi badde birundibwa mu maka g'abantu okumala ebbanga. Omuntu azudde emigaso mingi mu kulunda ente okusinga okulunda empologoma, okugeza, okufunamu amata, kaffecc e, ennyama, omuzigo omuganda, n'amaliba.Ng'oggyeko ebyo, obusa bwazo bweyambisib wa mu kukola ebigimusa, okukola ggaasi akozesebwa mu kufumba, bukozesebwa okuma ala wansi ne ku bisenge by'ennyuma.

Mu buwangwa ente zigula omukazi, naddala mu mawanga nga ag'Abakaramojja, Abatee so n'Abanyankole. Ate mu mawanga amalala ng'Abajopadhola n'Abateeso, ente (naddala ) zikozesebwa mu kulima nga tebannasiga n'oluvannyuma lw'amakungula.



Mu ngeri y'emu abantu abalala ente bazikozesa kubatambuza, n'okwetikka ebiba bikung uddwa okuva mu nnimiro okubituusa eka. Amaliba agava ku nte gakolebwamu engatto, ensawo ate era gatuulwako. Mu butuufu emigaso gy'ente eri omuntu mingi ddala. En te n'olwekyo kye ky'okulwanyisa ky'obwavu omuntu ky'asobola okwekuumisa.

Ekyamazima, okubeera n'ente kyabugagga era eky'okwenyumiririzaamu. Mu mawanga a malunzi g'ente, okuzitunda kyamuzizo, okuggyako mu mikolo gy'okuwasa n'okufumbirwa, era okusinziira ku bo, okubeera n'amagana g'ente agawera kyakwenyumiririzaamu. Kiba wa essanyu mu mitima gyabwe. Ente bwerwala n'omulaalo alwala, olw'okuba nti waliw o omukwano ogwamaanyi wakati w'ente n'omulaalo.



**Ekyokukola 06: Kuwandiika**

1. Lwaki empologoma nsolo nkambwe?
2. Nga weeyambisa ekyokulabirako ky'ente leetayo ensolo emu erundibwa awaka, o nnyonnyole ku mbeera zaayo. (Kozesa ebigambo nga 100)
3. Okusinziira ku kitundu ky'osomye:
   a) Laga obukulu bw'empologoma eri ensi nga Uganda.
   b) Lwaki empologoma eyitibwa Kabaka w'ensolo?
   c) Ente erina mugaso ki eri omuntu?
4. Okusinziira ku kitundu ky'osomye, Waliwo omukwano ogw'amaanyi wakati w'ente n'omulaalo. Ente bwerwala n'omulaalo alwala. Waliwo endwadde ezimanyiddwa ezikwata ente mu kitundu gy'obeera? Zimenye.
5. Abalaalo bajjanjaba batya ente zaabwe mu kitundu gy'obeera?

### 1.4 .4 Litulica omwogere



**Ekyokukola 07: Kuwandiika**

**Abayizi baluŋŋamye**

**a) Okuzuula embu z’ebigambo mu kitundu kye basomye**

**b) Banokoleyo ebisoko, n’engero ebikozeseddwa mu kitundu ekyo.**

### 1.4.5 Obubonero bw’empandiika n’enkozesa yaabwo

Kikulu nnyo okukozesa obubonero bw’ empandiika nga tuwandiika kuba bukola kinene nnyo mu kwongera amakulu ku bye tuwandiika, era singa bukozesebwa bubi amakulu ge tugenderedde gayinza okufa. Abayizi obubonero buno baabuyigako mu bibiina eby’ awansi naye ate ku ddaala lino beetaaga okwongera okumanya bwe buyitibwa mu Luganda n’ engeri gye bukozesebwamu.

a) **Akasirisa (.): Kakozesebwa okufundikira sentensi , okusirisa ebigambo oba n’amannya. Akabonero kano era kayitibwa akafundikizi.**

b) **Akabuuza (?):** Kakozesebwa ku nkomerero y’ ekibuuzo.

c) **Akeewuunyi (!):** Kakozesebwa ku nkomerero ya sentensi eraga okwewuunya, okusaasira, okutya oba essira.

d) **Obukomera**

Buno bukozesebwa okulaga ebigambo ebyongera okunnyonnyola ku kintu

e) **Akasukkize (')**


Akasukkize kakozesebwa singa ennyukuta emu eba eggyiddwawo ne kassibwa mu kifo kyayo.

f) **Obuwaabi (“ ”)**

Bukozesebwa okuwaaba ebigambo by’ omuntu nga bwe yabyogera.

g) Akawummuza (,): Kakozesebwa okwawulamu sentensi eyandibadde empanvu ennyo, oba okwawula ebirowoozo eby'enjawulo mu sentensi.
h) Obwanjuzi (;): Bukozesebwa okukwanaganya kkiroozi ezetengeredde mu sentensi.

Yongera okole okunoonyereza ku bubonero bw'empandiika nga tonnabusomesa, okusobola okufuna enkozesa yaabwo esinga ku eyo eyogeddwako.



**Ekyokukola 09: Kusoma**

*Omuyizi yeekenneenye ekitundu kino wammanga.*

Omusajja eyajja okubika teyasangawo.   Nnali ku nsiko nga nsala ssubi okutegekera enkoko yange eyali etandise okubiika,   Bwe natuuka awaka namanyirawo nti waliwo omuutu abaddeko awaka. Nadduka mangu ku dduuka nsobole okubabuuza oba baali balabye ku muntu yenna eyali ava ewange Omu ku baali bazze ku dduuka, kye yava ankuba akaama nti, "kirabika oyo gw'obuuza y'oli omulaalo w'omulongo Kizza eyali azzeeyo okukama ente. Naye alabika agenze."



**Ekyokukola 10: Kusoma**

Abayizi banokoleyo obubonero bw' empandiika obukozeseddwa mu kitundu ekyo waggulu.



**Ekyokukola 11: Kuwandiika**

*Abayizi basse obubonero bw' empandiika obwetaagisa mu kitundu kino wammanga.*

Ssebo Nnyabo

**Ensonga Okusaba okwegatta ku Kitongole kya Poliisi**

Nobuwombeefu mpeereza okusaba kwange mu woofiisi yo enkulu ennyo nga bwekirambikiddwa waggulu Kino kiddiridde akalango koakafulumira mu ggulire lya Bukkedde erya 6 Mutunda 2019

Ndi musajja Munnayugnada aweza emyaka 23 egyobukulu nga ndi Muganda.Nnasoma okutuuka mu ssiniya ey'okuna era nnafuna ebbaluwa y'obuyigirize obwa ssiniya eyokuna mu mwaka 2014.Bwe nnali mu ssomero nnafuna obuvunaanyizibwa obw'enjawulo ng'okubeera omukulu w'abayizi n'okukulira ebyemizannyo

Mu kiseera kino nkola nekitongole kya Uganda ekirabirira ebisolo byomu nsiko ngomukuumi Bwe nnali sinnakyegattako nnakola ng'omukuumi mu kitongole kya Securiko Uganda Limited mu myaka 2016 ne 2017.Ebintu by'ensinga okunyumirwa mu biseera byange eby'eddembe mwe muli okuzannya akapiira okudduka emisinde okuyimba okuzina ne katemba Nkakasa nti obumanyirivu obwo bujja kunsobozesa okukola ngomusirikale wa poliisi omulungi

Bwoba oyagala okumanya ebinkwataka ebisingawo buuza Omukulu w'essomero wa Ggalamba High School AKP 112 Gombe oba Ssentebe wa LC eyookusatu e Gombe ekisangibwa mu disituliki y'e Wakiso

Nnaasanyuka ssinga okusaba kwange kuno kuddibwamu mu ngeri yonna

Owuwo

Kyeyune Stefano

KYEYUNE STEFANO

## Ekyokukola ekiwumbawumba essuula: Kunoonyereza ku ngero, , n'ebisoko

### Engabanya y'obubonero, n'ebigobererwa mu kugolola omulimu gw'omuyizi.

| | | Enkola y'okugabanya obubonero | | |
|---|---|---|---|---|
| **Ebisuubirwa mu muyizi** | **Ebinnyonnyola** | **Enkola esooka** | **Enkola eyookubiri** | **Enkola eyookusatu** |
| Enkola. | Okwanja ebisoko,engero, emizizo ebibuuzo n'enziramu yaabyo wamu n'ebyokuyiga. | Omuyizi akozeeko kimu, oba obutawera, afune obubonero (02 ) | Omuyizi akozeeko bibiri ku bimusuubirwamu, afune obubonero (04) | Omuyizi amazeeyo byonna afune obubonero (06) |
| Ensengeka n'engeri y'okwanja ensonga | Okusengeka n'okwogera obulungi engero, ebisoko n'emizizo nga bwebyogerwa mu butuufu bwabyo | Omuyizi awaayo ekimu ku bimusuubirwamu, obubonero (03 ) | Omuyizi awaayo bibiri ku bimusuubirwamu, obubonero (06) | Omuyizi amazeeyo byonna era n'abisengeka bulungi, obubonero (08) |

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| | ng'abyanguyirwa. | | | |
| Ennyanukula y'ebibuuzo | Alaga obumanyi n'okunnyonnyola ebibuuzo n'ebyokubidda ng'awa n'ebyokuyiga mu bulungi | Omuyizi addamu n'atannyonnyola obubonero(02) | Annyonnyola ebyokuddamu, ate n'awaayo ne kubyokuyiga obubonero (04) | Annyonnyola n'okukwataganya ebibuuzo n'ebyokubiddamu, ate ng'awa n'ebyokuyiga obulungi. Obubonero (06) |
| Okukolera awamu | Okwebuuza okukolaganira awamu n'okwenyigira mu bikolebwa. | Eyeebuuza ku banne mu kibinja kyo. Obubonero (02) | Abuuza ebibuuzo n'ebyokubiddamu Obubonero (03) | Amalayo byonna ebimusuubirwamu, Obubonero (05) |
| **Omugatte gw'obubonero** | | | | **Obubonero (25)** |

## ESSUULA 5: OBUYONJO BW'OMUBIRI N'OBWEBITUNDU GYE TUBEERA

**Essomo lino we linaggwerako, omuyizi asuubirwa okuba ng'asobola :**

- Okutegeera bulungi ebitundu by'omubiri gwe eby'enjawulo.
- Okumanya ebitonotono ebikwatagana ku buyonjo.
- Okutegeera endwadde ezitawaanya abantu, enzijanjaba yaazo, n'engeri gye tuyinza okuzeetangiramu.
- Okukozesa olulimi olukwatagana ku by'obuyonjo.
- Okyusa ebigambo okubiggya mu Luzungu okubizza mu Luganda.
- Okuyiiya, n'okutontoma ku buyonjo bw'omubiri n'obwebitundu gye tubeera.
- Okukozesa nakasigirwa ezoobuntu.

### Ebigambo eby'enkizo

- Obuyonjo
- Obulamu
- Enkuuma y'obuyonjo
- Ebitundu by'omubiri ebirabwako
- Ebitundu by'omubiri


### 1.5.1 Ebitundu by'omubiri


Ekigendererwa mu ssuula eno, abayizi bayige ku bikwata ku byobuyonjo ebisookerwako, naddala bo okuyiga okweyonja, ate n'okuyonja gye babeera, era ebyokukola ebiri mu ssuula ekyo kye kibigendereddwamu.

Mu buufu obwo, abayizi baluŋŋamye bamanye ebitundu by,omubiri ebyokungulu/ebirabwako, ate n'ebyomunda/ebitalabika. Era obaluŋŋamye bayige endwadde eziva ku bujama, engeri y'okuzetangiramu ate n'engeri y'okuzijjanjaba.



**Ekyokukola 01: Kusoma**





1. Abayizi bamenye ebitundu by’omubiri ebirabikira mu bifaanayi ebyo waggulu.
2. Baawule ebitundu by’omubiri eby’omunda n’ebirabwako.



**Ekyokukola 02: Kusoma**

*Abayizi basome ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma baddemu ebibuuzo ku kyo.*

Engeri Katonda gye yateekateeka enkolagana y'ebitundu by'emibiri gyaffe yakyewuunyo nnyo nnyo. Ennyindo bwe wunyiriza akawoowo k'emmere empoomu, ng'eweereza obubaka ku bwongo, olwo nno obusimu ne butandika okuteekateeka amalusu mu kamwa. Awo nno engalo bwe ziteeka emmere mu kamwa, olulimi ne luwuliriza bwewooma. Olulimi bwe lumatira nga ddala emmere mpoomu era terina kabi, obusimu ne bwongera okusonda amalusu okulaba ng'emmere gagikwasa wamu kitole nga ggaamu bwe yandikoze. Ekiddako awo gaba mannyo kukola ogwago ogw'okugaayagaaya emmere egonde bulungi, ng'eteekebwateekebwa okumiribwa.

Amannyo gaba gagaaya emmere, eno emba nazo ziba mu keetalo nga zeenyeenya, bwe ziweereza obubaka eri olubuto okuluteekateeka nti waliwo ekijja, nti era lusaanye lweteekereteekere omulimu ogwo. Emmere ng'etuuse mu lubuto, ssebusa ayongera n'agisa esobole okugenda mu bwenda obutono nga teriimu buwulunguse bwonna. Emmere bw'eva mu bwenda obutono, waliwo obusuwa obusirikitu obuba bugirinze bugiyingize mu musaayi, okuva awo eyingire mu nnyama ne mu binywa okuwa omubiri amaanyi.

Katonda yatonda obwenda bwaffe obutono nga bulina obusengejja obuwerako mu bwo, okukakasa nti emmere gye tulya eyingira bulungi mu mubiri, era eyo eba eremereddwa okuyita mu busengejja obwo, eweerezebwa mu byenda ebinene, ng'eno gye tufuluma ng'obubi.

Eby'embi abantu bangi tebamanyi ngeri mmere gyetambuzibwa mu mibiri gyaffe, era ekivudde mu kino be bantu okulwala endwadde nga Alusa. Gano gaba mabwa ge tufuna mu lubuto nga gava ku kugaaya ebintu ate ne bisigala mu kamwa nga tebiweerezeddwa mu lubuto. Okugeza, omuntu bw'agaaya ekintu olw'okuyisa obudde, okugeza cuwingiggaamu, ssebusa yeeteekateeka, era n'aweereza omubisi ogunaasa emmere gy'awulidde eneetera okutuuka kyokka. Naye emmere erindibwa bwe tetuuka, ssebusa ye agenda mu maaso n'okusa yadde nga ky'asa tekiriiwo, ekiva mu ekyo kye kyenda okwerya, olwo ne kifuna amabwa, ge tuyita amabwa g'omu byenda, oba Alusa. N'olwekyo okusobola okwewala endwadde ya Alusa omuntu alina okufaayo okulaba ng'alya mu budde, ssebusa n'aterya.

Mu bibinja abayizi baluŋŋamye ku bino:

1. Bamenye ebitundu by'omubiri eby'ogeddwako mu kitundu waggulu.
2. Balage ebitundu eby'omubiri eby'omunda ebitayogeddwako mu kitundu?
3. Bannyonnyole amakulu g'ebigambo bino wammanga era babyeyambise okukola sentensi ku buli kimu.
   - Akawago
   - Okutu
   - Olulimi
   - Ensigo (ey'omunda)
   - Obulago

## *1.5.2: Obuyonjo n'enkuuma y'obuyonjo*




**Ekyokukola 01: Kusoma**

Obuyonjo bw'omubiri kitegeeza kwefaako, nakwekuuma ng'oli mulamu. Omuntu okwogerwako nti muyonjo ateekwa okuba ng'asenya, ng'enviiri ze azisanirira, anaaba ko n'okusala enjala nga zibadde zikuze. Naye okunaaba abavubuka bangi kubakaluubirira. Bangi bwe bagamba okunaaba ng'emimwa gibadda mu nnyindo, so ate bambi okweyonja kibayamba okubeera abalamu n'okwekkiririzaamu.

*Abayizi basome ekitundu kino n'oluvannyuma baddemu ebibuuzo ku kyo.*

**OKUBA OMUYONJO KIREETERA OMUNTU OKWEKKIRIRIZAAMU**

Obuyonjo bw'omubiri kitegeeza kwefaako, nakwekuuma ng'oli mulamu. Omuntu okwogerwako nti muyonjo ateekwa okuba ng'asenya, ng'enviiri ze azisanirira, anaaba ko n'okusala enjala nga zibadde zikuze. Naye okunaaba abavubuka bangi kubakaluubirira. Bangi bwe bagamba okunaaba ng'emimwa gibadda mu nnyindo, so ate bambi okweyonja kibayamba okubeera abalamu n'okwekkiririzaamu.

Nabuuso yali muyizi e Mijja Girls' S.S. Abakulu b'essomero eryo baatuuka nga beetaaga okufunayo omuyizi anaakulembera banne mu ssomero. Abayizi bangi baatya okwesimbawo olw'okuba baali tebeekakasa mbeera zaabwe ez'obuyonjo naye Nabuuso teyatya kuba obuyonjo bwe yali abwekakasa. Eyaliwo ng'amuvuganya Nabidde, yali awunya akamwa, era nga bayizi banne abaayogeranga naye basooka kukwata ku nnyindo olw'ekivundu ekyamuvanga mu kamwa. Bwe yayitanga ewali bayizi banne, nga bamwogerako mbu awunya ng'empuuta, mu butuufu nga kiswaza.

Ku lunaku lw'okunoonya akalulu, Nabuuso yalinnya bulungi ku kadaala, n'ayogera eri bayizi banne, era bwe yamala okwogera bayizi banne ne bamukubira emizira, n'okuyimba erinnya lye. Nabidde bwe yatuuka okusaba akalulu abayizi kata bamulemese n'okwogera. Baatandika kumuwogganira nakumulangira, mbu atasobola kunaaba agenda kuyamba atya abayizi abalala okubeera abayonjo?

Okweyonja kikuyamba okubeera omulamu, n'okukutangira endwadde eziva ku bujama. Okweyonja era kireetera omuntu okwekkiririzaamu. Bw'otosenya, owunya akamwa. Bw'otonaaba owunya akagwigiri, n'ekivaamu bayizi banno kutandika kukutuuma mannya,

n'abalala kutandika kukwesamba. Kino kikuviiramu obutassa mwoyo ku bikusomesebwa ku ssomero, olw'okuba obeera weebwalabwala, nga toyala mu banno. Bw'oteyonja okwatibwa mangu endwadde eziva ku bujama nga, embiro, envunza n'ebirala ekiyinza n'okukuleetera obutasoma bulungi, olw'okwosaayosa.



**Ekyokukola 02: Kuwandiika**

1. Abayizi bamenye ebirungi ebyogeddwako ebiva mu kweyonja. Nga okuba nti omuntu aba asobola okwekkiririzaamu, afuna emikwano, assibwamu ekitiibwa n'ebirala.
2. Abayizi banyonnyola ensonga ezaviirako Nabidde okuwanduka mu kalulu. Nabidde yali mujama bayizi banne nga tebamwagala, ekirala yali teyekkiririzaamu olw'obutaba muyonjo n'ebirala.
3. Abayizi bawandiike ebizibu ebiva mu butabeera muyonjo ebyogeddwako mu kitundu. Nga okufiirwa emikwano, n'ebirala.
4. Bamenye ebintu ebyogeddwako ebiraga omuntu eyeeyonja.

### 1.5.3: Endwadde ezikwata omubiri n'enzijanjaba yaazo

Endwadde kye kimu ku bizibu ebingira ddala okutawaanya abantu mu nsi. Ebivaako endwadde bingi, ebimanyiddwa n'ebitamanyiddwa. Na buli bantu mu nsi balina enzijanja ez'enjawulo ze beeyambisa okusinziira ku kitundu



**Ekyokukola 01: Kuwandiika**

1. Abayizi nga bali mu bubinja bamenye endwadde ezikwata;
   a) Ebitundu by'omubiri ebyokungulu/ebirabika bino.
   - Omutwe
   - Olususu
   
   b) Ebitundu by'omubiri eby'omunda/ebitalabika bino;
   - Ebyenda
   - Amawuggwe
2. Mu bubinja bwabwe abayizi bajjuzeemu ebibulawo mu lukangaga luno wammanga nga balaga enzijanjaba y'endwadde ey'ekiganda/ekinnansi, n'eyekizungu.

| | Endwadde | Enzijanjaba mu kinnansi | Enzijanjaba mu kizungu |
|---|---|---|---|
| 1 | Ssennyiga | Okweyoteza | Flufed |
| 2 | Omusujja | Omululuuza | Coartem |
| 3 | Ekifuba | Ebbombo n'evvu, Kasalabakesi | Septrin, Amoxylinetc |

3. Mu bubinja bwabwe abayizi bamenyeyo endwadde nga ttaano, balage n'engeri y'okuzetangiramu.

Newankubadde okukyusa ssomo lya siniya eyookusatu, n'eyookuna, abayizi libalozeeko nga bakyali ku ddaala lino yadde nga toligenze buziba okubannyonnyola ebigobererwa nga tukyusa, kuba kibayamba okuyiga ebigambo ebiggya. Mu ngeri eyo baweeyo akalimu k'okukyusa ebigambo ebyangungu.

4. Mu bitabo byabwe abayizi bakyuse sentenzi n'ebigambo bino wammanga.
    a) Eating cold food causes stomach ache.
    b) Uncle was admitted with malaria.
    c) Our neighbor has ringworm.
    d) Measles.
    e) Ginger cures cough.

### 1.5.4: Nakasigirwa

**Nakasigirwa kye kigambo ekiyimirirawo mu kifo ky'erinnya. Tuzaawulamu ebika ebiwera, naye wano essira tulitadde ku Nakasigirwa ezoobuntu, n'ezoobwannannyini.**

**Ezoobuntu**

Nakasigirwa ezoobuntu, bwe bugambo obuyimirirawo mu kifo ky'erinnya ly'omuntu. Obugambo buno bweyolekera nnyo mu busatu bw'omuntu, asooka, owookubiri, n'owookusatu.

**Nakasigirwa ezoobuntu (Personal Pronouns)**

| Omuntu (Person) | Mu Bumu (Singular) | Mu Bungi (Plural) |
|---|---|---|
| Asooka (1ka) | Nze (I) | Ffe (We) |
| Owookubiri (2ri) | Ggwe (You) | Mmwe (You) |
| Owookusatu (3tu) | Ye (He, she, it) | Bo (They) |

Ebyokulabirako:

a) **Nze** saagala baana bajama.
b) **Ggwe** wamma obaagala?
c) **Ye** munnaffe yagaanye okunaaba.



**Ekyokukola 01: Kuwandiika**

1. Sentensi ezo waggulu abayizi bazizze mu bungi, basaze ku Nakasigirwa ezoobuntu.

2. Abayizi banokoleyo Nakasigirwa ezoobuntu eziri mu sentensi zino wammanga.

Naye mmwe lwaki temutuula wamu? mmwe

Wamma ggwe Kabonge tereera nkunyumize. ggwe

Ffe tetujja kubeera nga bali abalejja. ffe




**Ekyokukola 02: Kusoma**

Basome akatundu kano wammanga, n'oluvannyuma banokoleyo Nakasigirwa ezirimu baziwandiike mu bitabo byabwe.

Bwe twagenda okukyalira jjajjaffe nze saalowooza nti twalina okugenda n'engoye zaffe. Taata yamala kubuuza nti, "Mmwe abaana abasugumbiza, engoye zammwe mwazitegese ze mugenda nazo?" Olwo kwe kujjukira nti ezange tezaali na njoze. Kitenda ye ezi**ze** yali yazooza eggulolimu. Kye nnava musaba anjazike waakiri ku

ssaati ye emu ŋŋenderemu, kyokka ye yadda mu kunsekerera busekerezi. Yambuuza mbu “Ggwe essaati ezizo zaabadde ki?”  naye nga naamuddamu ki? Era nasirika busirisi. Kyokka ekyansesa, oluvannyuma bannange abaalowooza nti baali boozezza engoye zaabwe baagenda okuziggyayo bambale, ng’emmese zaazirumyerumye zonna zijjudde ebitulituli anti baali tebazitukuzza mu kuzooza. Kye mbakubiriza bannange, bwe mubanga mwoza engoye zammwe mussengayo omwoyo okulaba nti zitukula.

### 1.5.5: Ebitontome

Ebitontome ssomo mu Litulica erinyuma ennyo. Litulica alimu ebika bibiri; waliwo Litulica omwogere, ne Litulica omuwandiike. Mu litulica omuwandiike mwe muli ebintu nga, Engero enjiiye (Novels), Emizannyo (Plays), n’Ebitontome (Poems). Litulica omwogere ye ate si muwandiike. Muno mwe muli ebintu ng’Ebikoco (Riddles), Engero ensonge, (Proverbs), Kanyoolannimi/Kasibannimi (Tongue twisters), Enfumo (Legends), Ebisoko (Idioms), Amazina (Traditional Dances) n’ebirala.

Ebitontome bigwa mu biti bya Litulica byombi, olw’ensonga nti bisobola okuba ebiwandiike ne bisomwa busomwa, kyokka ate era bisobola n’okwogerwa obwogerwa.



**Ekyokukola 01:Kwogera n’okuwuliriza**

**OLUYIMBA KU NSIRI**

*Ii Bannange ensiri – ensiri – ensiri – ensiri!*

Ensiri ya wano wamma ggwe teyeebaka,

Mpaawo w’eteri mpaawo w’etarumbira,

Ekeera ku makya mu ttuntu nga yeetala,

Balya ebyemisana ginno yo nga yeejaga,

Obudde oluziba wamma ne bayimbula,

Gassempaladdume n'obuto mwe bulumbira,

Zisooka kwetala nga zinoonya mbu w'osula,

Ne zigomaagoma ne zibuna ekisenge kyo,

Bw'obikka ku mutwe zo zizuula we ziyita,

Bw'oba ozibirira n'owulira nga kalumye,

Kasooka ku mutwe ak'erudda kutu kkono,

Bwe weeyiringula ak'erudda nga katema,

Bwe weekulungula ak'erudda nga kalasa,

Bw'okyuka ku kkono ka ddyo ko nga kawera,

Bw'okyukira ddala tebugumba nga bwesasa,

Tebulina kifo we busanga nga buluma,

Tebulina nsonyi bukuluma ne w'olaba.

(Katundu okuva mu *Ebitontome eby'Amakulu* ekya Edward N.Kawere)

**Ebibuuzo:**

Mu bubinja, abayizi baddemu bino;

Abatontomi mu kutontoma ebitontome byabwe, batontoma ku bintu bye tumanyi ebibaawo mu bulamu bwaffe obwabulijjo.

(a) Kiki ekitontomebwako mu kitontome nga ddala kibaawo mu bulamu bwaffe obwabulijjo?

(b) Ekitontomebwako mu kitontome ekyo waggulu kireeta buzibu ki eri omuntu?

(c) Munnyonnyole engeri ez'enjawulo omuntu gy'ayinza okwetangira ekyogerwako mu bitontome.

(d) Muwandiikeyo sitanza endala nga mwongereza ku kitontome ekyo, mu sitanza yammwe mutontome ku bye tuyinza okukola okwetangira ensiri

**Ekyokukola ekiwumbawumba essuula** : Kuyiiya luyimba ku nkuuma y'obuyonjo n'obutondebwensi.

## Engabanya y'obubonero

| | | Enkola y'okugabanya obubonero | | |
|---|---|---|---|---|
| **Ebisuubirwa mu muyizi** | **Ebinnyonnyola** | **Enkola esooka** | **Enkola eyookubiri** | **Enkola eyookusatu** |
| Obuyiiya | Oluyimba teruyina kubeera lukoppe, lulina okuba n'omulamwa | Abayizi abayiiyizza oluyimba yadde teruli ku mulamwa, bafune obubonero (02) | Abayiiyizza oluyimba nga luli ku mulamwa, obubonero (03) | Abamazeeyo ebibasuubirwmu, obubonero (05) |
| Enneeyanjula y'abayimbi ku siteegi. | Okutambula nga tebeemotya, beekakasa ku kyebayimba, beeyanjula, bamenya ku bakulu abaliwo | Abajja ku siteegi ne bakola byonna naye nga beemotya motya, obubobero (02) | Abajja nga tebeemotyamotya, naye ne bateeyanjula oba okumenya ku bakulu abaliwo, obubonero (03) | Abateemotya ate ne batuukiriza n'ebirala byonna, obubonero (05) |
| Omulamwa/Obubaka | Balage obumanyi ku kye bayimbako/ omulamwa | Abalina sitanza waakiri bbiri ku mulamwa, obubonero (02) | Abalina sitanza ssatu oba nnya ku mulamwa obubonero (03) | Abalina sitanza ttaano n'okukirawo ku mulamwa obubonero (05) |
| Enkozesa y'eddoboozi | Bazannyise bulungi | Abayimba nga tebawulikika | Abayimba nga bawulikika bulungi, | Abayimba nga bawulikika |

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| | eddoboozi, nga bagoberera omudigido gw'oluyimba' ate basseeko n'ebikola. | bulungi, obubonero (02) | obubonero (03) | bulungi, ate ne bassaako n'ebikolwa obubonero (05) |
| Enkozesa y'olulimi | Balage obukugu mu lulimi nga bakozesa ebifaananyi, n'ebisoko ebituukira ku mulamwa gw'oluyimba, n'abawuliriza baalwo. | Abayimba ne beeyambisa ebigambo ebituukira ku mulamwa waakiri bibiri, obubonero (02) | Abakozesezza ebigambo bisatu nga bituukira ku mulamwa obubonero (03) | Abakozesezza ebigambo bitaano n'okukirawo, obubonero (05) |
| **Omugatte gw'obubonero** | | | | **25** |